# OBWAKABAKA BWA BUGANDA





# Embalirira y'Omwaka 2023/2024

## N'Entebya ey'Omwaka 2022/2023

Omulamwa: Tewali kubongoota



*Ssaabasajja Kabaka*
*Ronald Muwenda Mutebi II*

# Ebiri Munda


1.0 Ennyanjula ..... 1

2.0 Ebyenfuna mu Mwaka 2022/2023 ..... 4

- Ebyenfuna Mu Nsi Yonna 2022/2023 ..... 4
- Embeera y'Ebyenfuna mu "East African Community" 2022/23 ..... 5
- Ebyenfuna bya Uganda 2022/23 ..... 6
- Eby'Emisolo mu Uganda ..... 7
- Ebyenfuna mu Buganda Omwaka gw'Ebyensimbi 2022/2023 ..... 8

3.0 Ensaasaanya/Enkozesa y'Ensimbi mu Bwakabaka Omwaka 2022/2023 ..... 9

4.0 Ssemassonga Esooka: Okunyweza, Okukuuma n'Okutaasa Namulondo ..... 11

5.0 Ssemassonga Eyokubiri: Okugabana Obuyinza mu Nkola ey'Obwenkanya n'Obwesimbu mu Nteekateeka n'Enkulaakulana mu Bwakabaka - Federo Owebikolwa ..... 34


6.0 Ssemasonga Eyokusatu: Okukuuma Ebyaffe Ebyobugagga, Ettaka wamu n'Okunyweza Ensalo za Buganda ..... 54

7.0 Ssemassonga Eyokuna: Okukola Obutaweera Okuddaabulula Ebyenfuna mu Buganda n'Okusitula Omutindo gw'Embeera z'Abantu Mu Bulamu Bwabwe obwa Bulijjo ..... 60

8.0 Embalirira y'Obwakabaka Bwa Buganda 2023/2024 ..... 134

- Enteekateeka z'Embalirira Endala ..... 146

9.0 Okuwumbawumba ..... 157



Bitegekeddwa:
**Robert Waggwa Nsibirwa**
Omumyuka wa Katikkiro Owookubiri era Minisita w'Okuteekateeka Ebyenfuna n'Okusiga Ensimbi

Eyanjuddwa n'Okukakasibwa Olukiiko lwa Buganda nga 25 Mutunda, 2023

Website: www.buganda.or.ug.

# 1

# Ennyanjula

1. Oweekitiibwa Sipiika, nina essanyu lingi nnyo olwaleero okwanjulira Olukiiko lwa Buganda Olukulu ebikwata ku byensimbi mu Bwakabaka mu lutuula luno olw'omulundi ogwokubiri bukya mukama waffe Ssaabasajja Kabaka aggulawo Olukiiko mu butongole. Ebyensimbi bye ngenda okwanjula mu lukiiko luno byetooloolera ku mitwe gino wammanga:
    i. Ebyensimbi nga bwe bibadde mu nsi yonna, mu bitundu ebituliraanye, mu Uganda ate ne mu Bwakabaka bwa Buganda mu mwaka 2022/2023.
    ii. Entebya y'Obwakabaka okusinziira ku mbalirira eya 2022/2023
    iii. Enteekateeka y'ebyensimbi ey'Obwakabaka ey'omwaka 2023/2024
2. Ssebo Sipiika, embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2023/04 yeesookedde ddala mu Namutaayiika yaffe empya ey'emyaka etaano (2023 – 2028) eyaakasabuukululwa. Embalirira y'omwaka guno gwe musingi kwe tugenda okuzimbira enteekateeka z'Obwakabaka zonna ez'okuleetawo enkyukakyuka ez'omuggundo. Namutaayiika empya yategekeddwa n'ekiruubirirwa ekikulu eky'okuseeseetula amaanyi g'Obwakabaka mu kuteekateeka n'okukola emirimu okuva ku kuggusa obuggusa pulojekiti, nga kati tujja twekaliriza nnyo emiganyulo okuva mu pulogulaamu eziba ziddukanyizibwa.
3. Oweekitiibwa Sipiika, enteekateeka zonna ezitegekeddwa okusaasaanyizibwako ensimbi mu mbalirira y'Obwakabaka 2023/2024 zituukira bulungi ku miramwa esatu, ebiruubirirwa ekkumi n'omunaana ate n'ensonga Ssemasonga ettaano ebyazimbirwako enteekateeka Namutaayiika ey'Obwakabaka ng abwe tunaagiraba mu maaso.

## OMWESO OGULAGA EMIRAMWA ESATU N'EBIRUUBIRIRWA 18 EBYA NAMUTAAYIIKA (2023 – 2028)

| | OMULAMWA | EBIRUUBIRIRWA | |
|---|---|---|---|
| A. | Okutaasa, Okukuuma n'Okukulaakulanya Ebyobuwangwa n'Ennono | 1 | Okunyweza, Okutaasa n'Okukuuma Namulondo |
| | | 2 | Okugabana obuyinza mu nkola eya Federo |
| | | 3 | Okukuuma ebyaffe n'okunyweza ensalo za Buganda. |
| | | 4 | Obumu |
| | | 5 | Okutumbula obuwangwa n'ennono z'Abaganda nga tunyikiza obuntubulamu mu bantu. |
| | | 6 | Okuzimba obusobozi n'okunyweza obwerufu mu buweereza ku mitendera gyonna mu Bwakabaka. |
| B | Okusitula Embeera z'Abantu ba Buganda mu byenfuna n'enkulaakulana | 7 | Okusaanyaawo olunnabe lw'obwavu mu Buganda. |
| | | 8 | Okutumbula obuweereza eri abantu mu by'obulamu. |
| | | 9 | Okwongera omuwendo gw'abantu abatuusibwako ebyenjigiriza ebisoboka ate nga bya mutindo. |
| | | 10 | Okusitula embeera z'abantu ba Buganda abali mu byalo ne mu bibuga mu by'ensula. |
| | | 11 | Okwongera omutindo mu by'obulimi n'obulunzi okusobola okubiganyulwamu. |
| | | 12 | Okuteekawo enteekateeka ez'okukuuma obutonde bwensi nga twesigama ku Bulungibwansi. |
| | | 13 | Okutumbula obujjumbize bw'abantu mu maka ne mu bitundu ebyenjawulo mu kwenyigira mu nteekateeka z'okwekulaakulanya mu byenfuna. |
| C. | Obwetengereze mu byenfuna mu Bwakabaka | 14 | Okutondawo amakampuni g'Obwakabaka ag'ebyobusuubuzi. |
| | | 15 | Okukola emikago egy'ebyobusuubuzi n'egyenkulaakulana y'abantu. |
| | | 16 | Okufuula Buganda ekitundu ekisinga okuyaayaanirwa bannamikago egya buli ngeri mu Uganda. |
| | | 17 | Okutumbula eby'obulambuzi bw'ebintu Buganda byerinako enkizo. |
| | | 18 | Okutumbula ennyingiza y'ensimbi mu masaza. |





4. Omulamwa gw'embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka guno ssebo Sipiika gugamba nti **"Tewali Kubongoota"** (Leaving No One Behind). Omulamwa guno gwoleka obumalirirvu bwetulina ng'Obwakabaka okutuukiriza amakatala agali mu nteekateeka Namutaayiika 2023 – 2028 eneetusobozesa okuleetawo enkyukakyuka ez'omuggundo, okuzibukula amakubo amaggya n'okugaziya emikisa gy'abantu mu byenfuna mu nkola engenderere ey'obutaleka muntu yenna amabega mu lugendo lwe tuliko olw'enkulaakulana.

5. Mukama wange Sipiika, tusaanye okukimanya nti ***olugendo lw'enkyukakyuka terugwirwabugwirwa, era lutwala ebbanga ery'emyaka egiwerako. Buli mwaka tujja kulubagako okutuusa lwe tunaatuusa Buganda mu mbeera eyeegombesa.***

6. Mu bukulembeze bwa Maasomoogi, Ssaabasajja Kabaka Ronhald Muwenda Mutebi II obw'emyaka asatu egiyise, Buganda efunye ettutumu ery'omuzinzi. Buganda ereese enkola empya (new model for the new normal) eyeesigika mu Bwakabaka, mu Uganda ne mu nsi yonna ey'okusinziira mu buwangwa n'ennono okutumbula ebyenfuna n'enkulaakulana y'abantu ng'ekkubo eryesigika era eryesigamwako eriwa abantu essuubi n'okuwagirwa buli omu.

7. Oweekitiibwa Sipiika, okuyaayaana n'obumalirivu bw'Obwakabaka mu kaweefube w'okukulaakulanya ebyenfuna buli mwaka birabikidde mu kulinnya kw'enyingiza ku bitundu **10.5%** okwembalirira y'omwaka 2022/2023.

8. Okulinnya mu nyingiza y'ensimbi mu Bwakabaka kuvuddemu ebibala ebiwerako nga bwe naabyanjula mu kitundu ekiddako ekiraga ebituukiddwako mu mbalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2022/2023.



2

# Ebyenfuna mu Mwaka 2022/2023

9. Mukama wange Sipiikia, nkusaba onzikirize mpitiremu Abeekitiibwa bonna ku mbeera y'ebyensimbi nga bweyimiridde mu nsi yonna, mu bukiika kkono bwa Africa, mu Uganda ate ne mu Buganda mu mwaka 2022/2023.

## Ebyenfuna Mu Nsi Yonna 2022/2023

10. Enkulaakulana mu byenfuna mu nsi yonna ebadde ya munyoto. Amawanga ga nnaggwedda geerwanyeeko bwerwanyi okulaba nga tegagwa olwo amagoba ku nsimbi ezeewolebwa n'eziwolebwa ne gaduumuuka. Tusuubira ebyenfuna okulinnyira ku bitundu 1.6% mu mwaka 2023 oluvanyuma lw'okuggulawo ensalo za china n'okukola emirimu mu bujjuvu mu nsi zi nnaggwedda omuli ne India wamu n'endala ezeerwanyeeko mu byenfuna, oluvanyuma lw'ebbanga eddene ery'omuggalo olwa Ssenyiga Lumiimamawuggwe.

11. Amawanga ng'America gaakola bulungi mu mwaka 2022 naye ate mu mwaka 2023, enteebereza mu byenfuna eraga nti lijja kukulira ku bitundu 0.2% byokka. Embeera eno esuubirwa okuba bwetyo ne mu mawanga nga UK, Germany ne Italy.







Embeera eno esuubira okukkakkanya ku kunaabuuka kw'ensimbi olw'ebbeeyi y'ebintu okukkakkanako kyokka ate emiwendo egisasulirwa ku buweereza obulala giyinza okusigala waggulu.

## Embeera y'Ebyenfuna mu "East African Community" 2022/23

12. African Development Bank yalaga nti ebyenfuna mu East Africa bijja kugwa mu mwaka 2022 ate biddemu birinnye mu 2023. Bank yeemu yafulumya alipoota ku byenfuna mu east Africa ng'eraga nti bijja kutandika okulinnya ku bitundu 4.0% mu 2022 okusinziira ku bitundu 5.1% mu 2021.

Ebyenfuna okulinnya mu ngeri ey'akasoobo kyaleetebwawo ebinuubule Ssenyiga Lumiimamawuggwe bye yaleka mu we yayita, entalo n'obukuubagano (naddala wakati wa Russia ne Ukraine), okukyukakyuka kw'embeera y'obudde, okulumbibwa enzige wamu n'obutakkaanya wakati w'amawanga agali mu bitundu ebyenjawulo.

13. Ebyo byonna ebiragiddwa bireeseewo okunaabuuka kw'ensimbi mu kitundu kino naddala ku by'okulya n'amafuta ekirinyisizza ennyo ezeetaagibwa abantu okwetuusaako bebyetaago ebyabulijjo. Kino kireeseewo okunafuwa kw'ensimbi mu mawanga agakoseddwa, amataba n'ekyeya, okuggwa kwa bizinensi, okukendeera kw'ensimbi ezikuŋŋaanyizibwa mu misolo, n'ebizibu ebirala bingi.

Okusinziira ku alipoota ya African Development Bank, waliwo essuubi nti amawanga ag'enjawulo gye gakomye okuddamu okukakkalabya emirimu mu nsi yonna, olwo n'ebizibu ebyo bye tulabye tujja kugenda tubivvuunuka era 2023 w'anaggwerako ebyenfuna bisuubirwa okukulira ku bitundu 4.7% olwo ekitundu kya East Africa kiddeyo ku ntikko ng'ekisinga okukola obulungi mu byenfuna ku lukalu lwa Africa.

ebyenfuna bisuubirwa okukulira ku bitundu **4.7%**
olwo ekitundu kya East Africa kiddeyo ku ntikko

# Ebyenfuna bya Uganda 2022/23


14. Ebyenfuna mu Uganda byisuubirwa okulinnya ku bitundu 5.5% mu mwaka 2023 bwogeraageranya n'omwaka 2022 lwe twali ku bitundu 4.6% wakati mu kisoomoozebwa ebbeeyi y'ebintu, obwavu n'ebisoomoozo ebibaddewo mu byensuubulagana.

Ebyobulimi naddala ebirime ebiriibwa byatambula bulungi engeri gye twafuna enkuba emala, kyokka okukulaakulanya amakolero kwanafuwamu n'emirimu gy'obuzimbi tegyatambula bulungi mu kkowe lino. Emirimu egy'obuweereza (service industry) gyatambula bulungi nga giwagirwa obusuubuzi, okuddaabiriza ebyonoonese n'obuweereza mu byobulamu.

Bwogeraageranya ensimbi ya Uganda ku ddoola y'America mu mwaka gw'ebyensimbi 2022/2023, eya Uganda yagwa ebitundu 5.8%. Ensimbi ya Uganda yapunguuka nnyo n'etuuka ku bitundu 10.7%, ng'okusinga kino kyava ku kulinnya kw'emiwendo gy'ebintu ebikozesebwa mu bulamu obwa bulijjo naddala emmere n'amafuta ekyanyigiriza ennyo omuntu owa bulijjo.

Okusobola okulwanyisa okunaabuuka kw'ensimbi ya Uganda, Bank enkulu eya Uganda yalinyisa omutemwa okuwolerwa ensimbi ena miramba mu mwaka 2022, okuva ku bitundu 6.5% okutuuka ku 10%. Kino ate erudda ne kikosa enteekateeka z'okulwanyisa olunnabe lw'obwavu mu bannayuganda abeesigamye ennyo ku byobulimi mu byenfuna kyokka nga bikosebwa nnyo ekyeya n'enkyukakyuka mu mbeera y'obudde.

**Ensimbi ya Uganda yapunguuka nnyo n'etuuka ku bitundu 10.7%**







# Eby'Emisolo mu Uganda

15. Buvunaanyizibwa bwa buli munnayuganda okusasula emisolo. Obwakabaka buwagira butereevu emirimu gya gavumenti ya Uganda nga buyitira mu bitongole byabwe amakumi asatu ebisasula obulungi emisolo.

Kyokka Gavumenti ya Uganda yeetaaga okuddamu okwetegereza enkola y'emirimu mu kitongole ky'emisolo etwala abawi b'omusolo ng'abamenyi b'amateeka oba ababbi okusinga obubalaba ng'abawagizi baabwe mu by'emirimu. Obutali bwenkanya mu ngereka y'omusolo ku bantu ab'enjawulo, obutabaawo kuteeseganya wakati w'omusoloozi w'omusolo n'omuwi waagwo wamu n'omukono ogw'ekyuma ogukozesebwa mu kukungaanya omusolo bireeseewo obukyayi mu bantu ku nteekateeka y'okuwa omusolo.

Ekitongole kya Uganda eky'emisolo kirina okuvaayo n'enkola (model) etwala omuwi w'omusolo ng'omuwagizi era ayimirizaawo emirimu gyakyo owa buli lunaku era ng'emusobozesa naye okulaba ekitongole kino ng'omunywanyi mu kukulaakulanya emirimu gye n'eggwanga okutwalira awamu.

Bwe wataabeewo kikolebwa ku nsonga eno, bannayuganda bangi bagenda kwongera okuwaŋŋangusiza bizinensi zaabwe mu nsi endala nga Zambia, Malawi, Namibia, Ghana, Tanzania, Burundi, Congo n'awalala nga bwe kitandise okulabika ensangi zino.


Menu ePaper Uganda Edition
MONITOR
Search
News National Education Insight World

URA on the spot over killings while arresting smugglers
National Mar 09, 2022

Suspected smuggler shot dead in URA operation
National Nov 30, 2021

URA's race to catch Kakuba, a resident of Maddu Sub County in Gomba District who has been supplying merchandise to retailers in

FREE: Catch up on the sporting action this week
Never miss a story. Share your email and we'll serve up new articles in the world of sports

We use cookies to improve your experience on our site and to show you relevant advertising. To find out more, read our updated Privacy Policy
Ok

## Ebyenfuna mu Buganda Omwaka gw'Ebyensimbi 2022/2023

16. Ebyenfuna mu Buganda biwa essuubi ng'okusinga biwagiddwa okulinnya kw'obungi bw'emmwanyi ebitundu 40%, ebbeeyi y'emmwanyi ebadde ennungi okumala akaseera, abantu beeyongedde okulima amatooke, gonja n'ebirime ebirala ebitundibwa.

Emirimu egy'obuweereza nagyo gyeyongedde ettutumu n'enteekateeka z'enkulaakulana eyaawamu (financial inclusion) zongedde okujjumbirwa abantu abasinga obungi era kirabikidde nnyo mu kuyaayaana kw'abantu okwegattira mu bibiina (SACCOS) okubasobozesa okutereka, okuwola, okwewola n'okusiga ensimbi naddala mu bukolero obutonotono.

Mu mwaka ogwo, emirimu egyetooloolera ku byenjigiriza nagyo gyeyongedde okuyingiza ensimbi wamu n'egyebyobuzimbi.

Ekisinze okusoomooza bannayuganda mu byenfuna mu mwaka 2022/2023 bye bizibu bye nayogeddeko waggulu ebikwata ku by'emisolo, obuseere bw'amafuta, n'enguudo embi ezisajjudde ebizibu by'okulabirira ebidduka.

Ensimbi eziyingira mu Uganda nga ziva mu bannayuganda abakolera ebweru abasukka emitwalo ataano (500,000) nazo ziwaniridde nnyo enteekateeka z'okutumbula embeera z'abantu mu byenfuna n'enkulaakulana mu Uganda naddala mu Buganda.

**Ebyenfuna mu Buganda biwa essuubi ng'okusinga biwagiddwa okulinnya kw'obungi bw'emmwanyi ebitundu**






# 3

## Ensaasaanya/Enkozesa y'Ensimbi mu Bwakabaka Omwaka 2022/2023

Mu myaka esatu egy'omuddiriŋŋanwa egiyise, enyingiza mu Bwakabaka ebadde esukka mwezo ezaabalirirwa, ekintu ekiwa essuubi nti gye tulaga tulabayo.

Nnina essanyu okubateegeza nti mu mwaka gw'ebyensimbi 2022/2023, twabalirira okufuna Obuwumbi 157,849,026,314 naye tuyingiza obuwumbi **174,414,989,243** mu mwaka gw'ensimbi guno ogwaweddeko nga 30 Ssebaseka 2023. Kino kituwa enfissi (surplus) ya **16,565,962,929**. Kino kituukiddwako olw'ensonga ezimu ku zino wammanga;

a) Tunywezezza nnyo enkola ey'abannamikago nga tutuukiriza n'olumu ne tusukkuluma kwebyo bye tuba tukkiriziganyizzaako okuggusa. Olw'enkola eyo, kati emirundi egisinga bannamikago be batweyunira tetukyabanoonya era kino kirabikidde nnyo mu ngeri bannamikago gyebayayaanamu okugiza obugya yadde embeera y'ebyensimbi sinnungi naye bannamikago basobodde okuddamu okuzza obugya emikago gino ate nga bongeddeko ne ku nsimbi.

b) Tuvudde ku nkola y'obuvujjirizi (Corperate Social Responsibility) netudda ku nkola eyabannamikago (Partnership - Corperate Social Investment) okubako byetukola eby'omuggundu.

c) Gavumenti eya wakati okusasulako ensimbi ku banja erigibangibwa Obwakabaka.

d) Okukula kw'amakampuni n'ebitongole by'Obwakabaka mu by'obusuubuzi n'obuweereza

MU MWAKA GW'EBYENSIMBI 2022/2023, TWABALIRIRA OKUFUNA OBUWUMBI
**157,849,026,314**

NAYE TUYINGIZA OBUWUMBI
**174,414,989,243**
MU MWAKA GW'ENSIMBI GUNO OGWAWEDDEKO NGA 30 SSEBASEKA 2023.

KINO KITUWA EZASUSUUBA
**16,565,962,929**




okugeza; obungi bwa CBS PEWOSA mu bitundu bya Buganda ebyenjawulo, obungi bw'abaana mu masomero g'Obwakabaka n'ennyingiza mu bitongole nga Mwanyi Terimba Ltd yeeyongedde.

e) Okwongera okunyweza enteereza y'emirimu (Systems) okulaba nga enyingiza yeeyongera ate ezifunidde ne zikozesebwa nga bwezisaanidde.

Ebintu byetwateekateeka okukola bingi bikoleddwa era wamanga y'entebya ku bimu ebyenkizo ebyakolebwa mu nsimbi ezaafunibwa nga bwe nasuubizza okubibanjulira.



# 4

# Ssemassonga Esooka: Okunyweza, Okukuuma n'Okutaasa Namulondo

18.) Emirimu gya Nkuluze











a) **Nkuluze yafuna ambyulensi empya nga erimu ebikozesebwa ebyomulembe era ebisaanidde byonna.**

b) **Okugaziya Olubiri lwe Banda n'okuluteekamu ebikozesebwa eby'omulembe**









c) **Okugaziya Olubiri lwe Bamunanika ne Kireka**





## Nkuluze Okusitula Omutindo gw'eddundiro ly'ebisolo e Kagongo Okuva ku Nte Ennansi Okudda ku Nte Enzungu;



d) Nkuluze Okusitula Omutindo gw'eddundiro ly'ebisolo e Kagongo Okuva ku Nte Ennansi Okudda Ku Nte Enzungu; ensonga eno yatandikibwa era egenda mu maaso, kyasalibwaawo okulunda ente kugende ku farm ye Samaliya mu Buddu ate e Kagongo wasigaleyo bya bulimi okusinga.

e) Nkuluze yawandiisa kampuni ya Nkuluze Holdings Limited esobole okwetaba mu kisaawe ky'okusiga ensimbi mu Nkuluze era Ssaabasajja Kabaka yasiima n'alonda olukiiko olufuzi era lukkakalabya emirimu. Ssentebe ye Mukungu Eng. Haji Ishak Kasule Lukenge.





## 19.) Okuddaabiriza Amasiro n'Embiri

### a) Okuteeka Bugwe ku Lusaka lwa Namasole Bbumbu



*Omulimu gw'okuteeka bbugwe ne geeti ku Lusaka lwa Namasole wamu n'okugiggala kwaggwa. Kino kyakolebwa okusobola okutaliza ettaka ly'Olubiri olwo erisigaddewo eriweza yiika emu n'okunyweza ebyokwerinda mu kito ekyo. Ennyumba yonna yaggwa okuggalwa.*





**b) Okuddaabiriza Mujaguzo**



*Engoma 2 eza Mujjaguzo zaddabirizibwa (Mu Masiro e Kabowa wamu n'eggoma ye Kasubi).*

### c) Okuwunda n'Okuwembeera Eddaali mu Muzibuazaalampanga

Emirimu gy'okuzaawo Muzibwazaalampanga gituuse mu bitundu 90% nga ekisigade kusabika mbugo nakwalirira wansi.

**i. Okusereka Muzibuwazaalampanga kwaggwa wamu n'o kunaaza**





**ii. Okuwunda n'Okuwembeera eddaali munda mu Muzibwazaalampanga kwagwa**.









**iii. Bujjabukula yaddaabirizibwa;** Bujjabukula eziddwawo mu kifaananyi Ssekabaka Muteesa I kye yagizimbiramu. Eteereddwako essubi eppya; ebizizi 4, n'empagi ezimu zikyusiddwa, kyokka waliwo ezitakyusiddwa.







*Omulimu gw'okuteeka ebyuma ebizikiza omuliro mu Masiro gwaggwa, ebyuma bino byatuweebwa bannaffe aba govumenti ya Japan ng'eyita mu UNESCO; bikozesa amasanyalaze ne generstor.*










*Ttanka y'amazzi ya liita emitwalo kkumi na musanvu (170,000ltrs) yazimbib wa, transformer yaleetebwa. Emirimu gikolebwa aba Gloria Fire Services, Connerstone Engineering ne Tripple D Engineering.*



*Abagirinya baatendekebwa okuzikiza omuliro nga beeyambisa ebyuma bino eby'omulembe*

**iv. Dayirekita wa UNESCO, Lazare Eloundou Assomo avunaanyizibwa ku by'obuwangwa n'ebintu eby'enkizo mu nsi yonna yalambula amasiro g'e Kasubi okwekenneenya omulimu gw'okugaddaabiriza wegutuuse.**

Yali musanyufu nnyo olwa kaweefube akoleddwa okuzzaawo Muzibwazaalampanga n'agamba nti okuzzaawo amasiro gano kukomezzaawo essuubi mu bantu ba Buganda, wamu n'ekitiibwa ky'eggwanga kubanga waliwo obwetaavu okukuuma ebifo nga bino eby'ennono.



*Ssaabasajja Kabaka yasiima n'asisinkana abakugu okuva mu UNESCO era baakyalako Embugu netukubaganya ebirowoozo ku ngeri gyetusobola okukuuma, n'okutaasa ebifo by'Obuwangwa.*

### d) Okuzzaawo Buggwe womunda ow'emmuli ku Twekobe mu Lubiri e Mengo.

Omulimu guno gukoleddwa mu ngeri ey'obuwangaazi. Omusingi guzimbiddwa mu seminti ate gusimbibwamu n'ebyuma okuwanirira emmuli. Kino kyakolebwa mu kitiibwa ky'olubiri ekisaanidde.











### e) Okuddaabiriza Twekobe e Mmengo

Twekobe yasiigibwa Langi era erabikira mu kitiibwa kyayo ekisaanidde.





**f) Okuddaabiriza Amasiro g'e Wamala.**

Okuddaabiriza Batandabeezaala kugenda mu maaso era oludda olwali lutonya lwaggwa okusereka.









***Abalangira b'e Ssanje nga bakulembeddwamu Omutaka w'ekika, Ssaabalangira Kalema Paul Ssajjalyambuga baasisinkana Katikkiro ne bakubaganya eborowoozo ku nsonga ezitali zimu.***



*Katikkiro yasisinkana Ababiito b'e Kkooki ne boogera ku nsonga enkulu ezitugatta ng'Obwakabaka. Era yabakuutira okunyweza obumu, nga Ssaabasajja bwalagira okusobola okutwala Buganda mu maaso nga Bajjajjaffe bwe baakola.*

## 20. Bajjajja Abataka b'Obusolya

a) Okulabirira Abataka Abakulu b'Obusolya mu byobulamu.

Abataka Abakulu ab'Obusolya bonna balabirirwa Gavumenti ya Kabaka mu byobulamu nga tuyitira mu nkola y'Obwakabaka eya yinsuwa y'ebyobulamu wansi w'ekitongole kya Weerinde Insurance Services.

b) Gavumenti ya Ssaabasajja yatandika enkola eyokulambula Abataka Abakulu b'Obusolya naddala abo abakosefu mu byobulamu.

c) Gavumenti ya Kabaka erabirira woofisi y'Abataka mu byentambula ku mirimu emitongole gyonna.







*Minisita w'Obuwangwa, Ennono n'Embiri yalambula Omut. Mbaziira Frank Kisaala, (Nnyange), n'Omut. Ndugwa Grace Ssemakula, (Lugave).*



*Ate Minisita w'Abavubuka, Emizanyo, n'Okwewumuzamu yakyalira Omutaka Ssenkusu Ssonja, Kayindi Peter, Omukulu w'Ekika kye Nkusu, okumusaasira olw'obukosefu.*

**c) Ekkakalabizo ly'Abataka lyayongera okuyooyootebwa era nga kati likolebwa woofiisi ssatu nga zonna zirimu ebibajje n'ebintu ebirala ebyetaagisa.**





**d) Olusirika lw'Abalangira Abakulu b'Emituba, Bannaalinnya ne Bakatikkiro baabwe**; Eggwanika lyavujjirira olusirika lw'abalangira abakulu b'emituba, Bannaalinnya ne Bakatikkiro baabwe olwasookera ddala mu byafaayo nga luli ku mulamwa **"Enkulaakulana y'embiri etambulira ku buwangwa na nnono"**










**e) Okuwandiisa Abayima b'Ebika bya Buganda**

Ebika 15 byamaliriza okuwandiisa abayiima, ebika 26 byatandiika okuwandiisa, 8 byebitannatandika kwandiisa.

| EBIKA EBYAWANDIISA ABAYIMA | EBIKA EBYATANDIIKA OKUWANDIISA ABAYIMA | | EBIKA EBITANATANDIKA KUWANDIISA ABAYIMA |
|---|---|---|---|
| 1. Ffumbe | 1. Omutima Omusaggi | 2. Namuŋoona | 1. Babiito be Kibulala |
| 2. Mpindi | 3. Omutima Omuyanja | 4. Ndiga | 2. Babiito be Kkooki |
| 3. Butiko | 5. Kinyomo | 6. Ngabi | 3. Abalangira |
| 4. Ngo | 7. Babiito Ssanje | 8. Ngabi Nnyunga | 4. Mbwa |
| 5. Mpologoma | 9. Kasimba | 10. Njaza | 5. Nsenene |
| 6. Nkima | 11. Kayozi | 12. Nkejje | 6. Nsuma |
| 7. Mmamba | 13. Kibe | 14. Nkerebwe | 7. Nvubu |
| 8. Lugave | 15. Kiwere | 16. Nkula | 8. Nkusu |
| 9. Kkobe | 17. Mazzi ga Kisaasi | 18. ŋaali | |
| 10. Njovu | 19. Mbogo | 20. ŋonge | |
| 11. Nvuma | 21. Mpeewo | 22. Ntalagannya | |
| 12. Kasimba | 23. Nakisinge | 24. Ndiisa | |
| 13. Omusu | 25. Nnyonyi Nnyange | 26. Ngeye | |
| 14. Nte | | | |
| 15. Mmamba Kakobooza | | | |




**f)** **Enkola entongole ku kwabya olumbe yatongozebwa era ebigendererwa by'enkola eno bye bino;**

a) Okunyweza obuwangwa n'ennono mu kwabya ennyimbe.

b) Okunyweza obukulembeze obw'ensikirano n'ebifundikwa mu bika.


c) Okukendeeza endooliito eziva mu nkaayana z'ebyobusika.

d) Okukendeeza emisango gy'obusika n'obukulembeze bw'ebika mu Kkooti ya Kisekwa.

e) Okulambika enkolagana wakati w'obuwangwa n'eddiini.







**g)** **Omumbowa omukulu mu Bwakabaka, Mpinga Patrick Ssemakula, yayanjulwa ewa Minisita w'Obuwangwa, n'Ennono.**





**h)** **Okutondawo Omukululo gw'Ebika nga Tutwala abazzukulu okulambula ku Mbuga z'Ebika byabwe okumanya ebigenda mu maaso;** enteekateeka eno eri mikono gy'abakulu b'Obusolya era ekolebwa. Kya sanyu nti Bazzukulu ba Kyadondo ab'eddira Envuma balamaga ku butaka bwabwe e Kawempe, mu Kyaddondo era eteekateeka eno yabuli mwaka eyitibwa enkkuka ye Kika.



*Bazzukulu ba Kannyana, ab'eddira Engabi Ennyunga baalamaga ku butaka bwabwe e Bwende, Buddu, okwetaba mu Ttabamiruka w'ekika kyabwe.*



*Bazzukulu ba Nakigoye ab'eddira ekinyomo, nga bakulembeddwamu Jjajjaabwe, Omutaka Nakigoye Samson Nabbimba, balamaga ku butaka bwabwe e Kyasa mu Buddu.*







*Omutaka Muyingo ng'aggulawo enkiiko z'ekika ky'Omusu ez'omwaka 2023*

## 21.) Okutumbula Olulimi Oluganda




**a) Ebitongole by'Obwakabaka** n'abantu ab'enjawulo bakoze omulimu gwa maanyi ddala okutumbula Olulimi Oluganda mu Nsi yonna nga bayita mu nteekateeka ez'enjawulo nga;

- Okwogerera omupiira gwe Nsi yonna 2022 mu Luganda ku DSTv
- Entanda ya Buganda, okuzannya emizannyo, okuyiiya enyimba n'ebirala bingi









**b) Ekibiina ky'Olulimi Oluganda kyategeka emizanyo egy'enjawulo nga Vvaawondye n'ekigendererwa ky'okusomesa abaana Olulimi Oluganda.**





## 22.) Ebyalo Bya Kabaka



| Nos | Ebikolebwa (Items) | Ebisuubirwa (Target) | Ebikoleddwa (Achieved) | Obungi (%) |
|---|---|---|---|---|
| 01 | Amakula | Emirundi 46 | 40 | 87% |
| 02 | Ente | 46 | 30 | 78.2% |
| 03 | Embuzi | 94 | 65 | 69.1% |
| 04 | Amabaluwa g'abatodde Amakula | 46 bundles | 35 | 76.08% |
| 05 | Okusomesa Abami ba Kabaka n'abakulembeze abalala | 92 Enkiiko | 70 | 76.08% |

Enteekateeka eno y'evunaanyizibwa okulaba nga mu Mbiri z'Omutanda temuggwa bya kulya n'okunywa. **Ekiwayi kino kyakola bino;**

# 5

# Ssemassonga Eyokubiri: Okugabana Obuyinza mu Nkola ey'Obwenkanya n'Obwesimbu mu Nteekateeka n'Enkulaakulana mu Bwakabaka - Federo Owebikolwa

### 23.) Okugulira Abamagombolola Pikipiki Ezaasigalayo





*Mu mwaka gw'ebyensimbi 2021/2022 twaggula pikipiki 71 nezigabibwa eri abamagombolola.*

Mu mwaka gw'ebyensimbi 2022/2023, Ssaabasajja Kabaka yasiima naawa abaami b'Amagombolola 71 pikipiki zibayambeko okubunyisa obubaka bwe ku kulwanyisa mukenenya. Hon. Nankabirwa naye yatuwa pikipiki 6, ne ziweebwa abaami b'Amagombolola gano; SSAABAWAALI Kapeka, MUTUBA III Bukomero, MUTUBA VI Lwamata, MUTUBA XII Muwanga, MUTUBA XIII Kibiga,MUTUBA. XVI Ddwaniro.



### i. Abaami 80 mu masaza eg'enjawulo baweebwa entambula y'eggaali:



| | |
|---|---|
| Buddu | 29 |
| Buweekula | 6 |
| Kooki | 9 |
| Butambala | 5 |
| Buvuma | 5 |
| Kabula | 5 |
| Mawokota | 7 |
| Ggomba | 4 |
| Mawogola | 6 |
| Busujju | 4 |

### 24.) Okugulira Essaza n'Amagombolola g'e Buvuma Amaato

Essaza Buvuma lyafunye amaato asatu; erye Ssaza, n'Amaggombolola 2; Mumyuka Bugaya ne Ssaabawaali Bweema.



*Ssaabasajja Kabaka yasiima naawa abantu be mu Ssaza lye Ssese entambula y'eryato libayambeko okutuuka ku bantube mu bizinga eby'enjawulo batuuse obubaka obuva embuga n'okulondoola emirimu egikolebwa.*









### 25.) Okulambula Embuga n'Okulondoola eby'Obugagga by'Obwakabaka mu Masaza



*Obukiiko 6 bw'Olukiiko olukulu olwa Buganda bakola enteekateeka ey'okulambula emirimu n'ebyobuggaga by'Obwakabaka mu bitundu bya Buganda ebyenjawulo era nebukola okuwabula ku byokutereeza.*



*Amasaza gonna galambulwa okwekenneenya entambuza y'emirimu n'okumanya eby'obugagga ebiri mu buli ssaza.*



*Ennyumba Buddukiro e Buddu eddaabirizidwa era bali mu kuteekamu amasannyalaze, amazzi, n'okuteeka pavers mu luggya n'oluvanyua esiigibwe langi.*



*Ennyumba Ssemayembe eddaabirizibwa e Butambala era enaateera okugwa.*



Omulamwa: Tewali kubongoota Embalirira y'Obwakabaka bwa Buganda 2023/24 n'Entebya 2022/23

## 26.) Olukiiko lwa Buganda n'Abagenyi

a) Olukiiko lwa Buganda lunyikizza okutesereeza Obwakabaka, okulondoola n'okuwa amagezi ku nzirukanya y'emirimu egikolebwa mu Bwakabaka n'okutuusa obuweereza eri omuntu wa bulijjo mu kaweefube w'okusitula omutindo gw'embeera z'abantu ba Buganda mu bulamu bwaabwe.




b) Olusirika lw'Olukiiko lwa Buganda lwategekebwa n'ekigendererwa eky'okusala entotto ku nsonga eziwerako omuli; Okukunganya ebirowoozo ebigenda mu nteekateeka Nnamutaayiika w'Obwakabaka 2023/2028; okutema empenda ez'okuvvuunuka ebisoomoozo eby'enjawulo; okunyweza obumu n'empuliziganya wakati w'ababaka; okuzuula obukugu obw'enjawulo mu babaka, ne baminisita okwongera okufuna ebirowoozo ebiyamba minisitule zaabwe.



c) **Olusirika lw'Abakulembeze mu Bwakabaka** lwaliwo okuva nga 13 okutuuka nga 14 Mugulansigo, 2023 mu Butikkiro e Mengo. **Ebigendererwa by'olusirika luno byali;**








a) Okuwa alipoota ku bituukidwako mu kkussa Enteekateeka Namutaayiika 2018/2023 mu nkola.

b) Okwetegereza Amaanyi, Okusomooza, Emikisa wamu n'Obulwa ebiri mu Buganda leero.

c) Okukubaganya ebirowoozo ku bbago ly'Enteekateeka Namutaayiika y'Obwakabaka 2023 – 2028.







Ekizimbe kya Bulange kyonna kyassibwamu kamera zi muketta munda n'ebweru okusobola okunyweza eby'okwerinda wamu ne "internet" okusobozesa abaweereza bonna okwettanira tekinologiya ow'omulembe mu mirimu gye bakola.

## 27.) Enzirukanya y'Emirimu, Tekinologiya n'Obuyiiya

Enzirukanya y'emirimu mu Bwakabaka ne mu bitongole by'Obwakabaka yeeyongedde okuba ey'omutindo. Abaweereza abakugu beeyongedde okweyunira okwegatta ku ttiimu y'abaweereza mu Bwakabaka okuva mu makampuni amagundiivu.

Kampuni n'ebitongole by'Obwakabaka byongedde omutindo mu nkola yaabwe ey'emirimu wamu n'obwerufu. Kampuni zonna zituuza enkiiko z'obwannanyini eza buli mwaka, ziddukanyizibwa mu mateeka nga ziyambibwako woofiisi ya Ssaabawolereza era emirimu gyazo girondoolwa Kalondoozi w'Obwakabaka buli mwaka.

Twagula olutimbe lwa Terefayina mu kisenge kya Kabineeti kwetukolera okusobola okwongera omutindo ku mirimu egikolerwa mu kifo kino.

Ekizimbe kya Bulange kyonna kyassibwamu kamera zi muketta munda n'ebweru okusobola okunyweza eby'okwerinda wamu ne "internet" okusobozesa abaweereza bonna okwettanira tekinologiya ow'omulembe mu mirimu gye bakola.

Ebyempuliziganya mu bakulembeze ku mitendera gyonna mu Bwakabaka bitumbuddwa era enteekateeka yakolebwa nga tweyambisa Tekinologiya era Ababaka abawangaalira wabweru w'Eggwanga n'ababeera kuno basobola bulungi okwetaba n'okuteesa mu Lukiiko nga basinziira eyo gye babeera.

## 28.) Okwettanira Obwakabaka





a) **H.E Jan Sadek** Omubaka w'omukago gw'amawanga ga Bulaaya gu European Union omuggya mu Uganda nga akyaddeko embuga.



b) **Omubaka wa Bungereza mu Uganda, Kate Airey** yakyalako Embuga nasanyukira nnyo enkulaakukana Obwakabaka gyebutaddewo okulwanyisa obwavu mu bantu, n'asuubiza okwongera okunyweza enkolagana eyo mu by'enkulaakulana ez'enjawulo.



c) **Omuk. Charles Stuart**, okuva ku kitebe ky'Omukago gwa Bulaaya e Brussels, mu Bubirigi yakyalako Embuga











d) Omumyuka Asooka owa Katikkiro, Oweek. Prof. Twaha Kaawaase ng'akyaddeko e Kano mu mambuka ga Nigeria okutuusa obubaka bwa Ssaabasajja ewa Emir we Kano Alhaj Aminu Ado Bayero ng'awerekeddwako Oweek. Mariam Mayanja





**Abakulembeza ba National Unity Platform** ***nga bakyadde e Bulange.***




**e) Bannabyabufuzi:** Hon. Richard Ssebamala, Hon. Ibrahim Kasozi, eyali owa Makindye East; Moses Matovu, omwogezi wa National Economic Empowerment Dialogue, ne John Baptist Ntuuwa, ssaabawandiisi wa DP e Masaka nga bakyaddeko e Bulange.







**f) Abakulembeze ba NRM** nga bakyaddeko e Bulange



**g) Omulabirizi w'e Mukono, Enos Kitto Kagodo ne Mukyalawe**, nga akyaddeko ku Bulange, okwongera okunyweza enkolagana mu buweereza bwabwe obuggya.



h) **Abakulira Uganda National Oil Company ne Uganda Petroleum Authority**, nga bakulembeddwamu Prof. Jane Nambakire Mulemwa ne Omuk. Emmanuel Katongole nga bakyala e mbuga.



i) Katikkiro yakyaza **Mr. Nobert Lammert** akulira ekibiina ki Konrad Adenauer Foundation, okuva e Germany. Kino kirondoola n'okulwanirira ensonga z'obukulembeze, n'enkulaakulana y'abantu, nga kiyita mu kubatendeka mu ntambuza y'emirimu n'obukulembeze. Essira balissa nnyo ku bavubuka n'abakyala.







**j)** **Queen Temitope Morenike Enitan-Ogunwusi** okuva mu Bwakabaka bwa I Adesegan Ibepe e Nigeria nga akyadde e mbuga.





k) **Katikkiro yalambula abantu ba Kabaka abawangalira e Bulaaya mu Norway, Sweden, Netherlands, Scotland ne Bungereza** mu 2022 oku bannyonnyola enteekateeka z'Obwakabaka, n'Ensonga Ssemasonga ettaano, bazitegeere era bazeenyigiremu.

## 29.) Olukuŋŋaana lwa Buganda Bumu North American Convention (BBNAC) 2023 n'Okutuuza Abaami








Olukuŋŋaana luno lwatula ku Hyatt Regency Hotel, e Seattle, mu Amerika Okuva nga 26 - 29 Muzigo, 2023, n'ekigendererwa ky'okukuuma Obumu mu Bantu ba Buganda era omulwamwa gw'omwaka guno gwali gwa kutema empenda ez'okwaŋanga ebbula ly'amazzi amayonjo mu Buganda.







Katikkiro mu nsisinkano n'Ababaka ba Kabaka ebweru wa Buganda abaggya, n'abamyuka baabwe, ate n'abawummuze.



***Katikkiro yatuuza Omubaka wa Ssaabasajja atwala ebbendobendo ly'Amambuka ga California (San Francisco; Sacramento; Nevada) Oweek. Patrick Nalikka Ssendegeya, Omumyuka we, Paul Kiruuta n'Olukiiko.***

Katikkiro yatuuza Omwami wa Kabaka ow'essaza ly'e Southern California, Arizona ne Hawaii, Oweek. Fred Ssennoga Makubuya, Omumyukawe Hudson Joloba, ssaako n'okutongoza olukiiko lw'essaza lino.



***Katikkiro yatuuza Omwami wa Kabaka omuggya atwala essaza ly'e New England, mu kibuga Boston, mu Amerika, Oweek Henry Ndawula, n'olukiiko lwe era twebaza Omubaka omuwummuze Oweek. Kato Kajubi, olw'okuweereza obulungi.***




*Abaami ba Kabaka abaamasaza ag'enjawulo mu America ne Canada, nga bawa obweyamo bwabwe okuweereza Ssaabasajja Kabaka.*




*Katikkiro yeetaba mu Missa ey'okujjukira abajulizi ba Uganda e Boston mu America eyayimbiddwa Ssaabasumba Paul Ssemogerere.*





## 30.) Oluwalo lwaffe




*Enteekateeka ya Luwalo lwaffe omwaka 2022 yavaamu akawumbi k'ensimbi;*







### 31.) Okutegeka ensirika mu Masaza ez'abaweereza Bannakyewa, Abaseesa n'Abalezi ebemiruka n'abamagombolola

Enkiiko z'Abaseese 3, ez'Abalezi 5, amaggombola 1, Banampala 3, zezitegekedwa.



*Abaami ba Masaza mu Lusirika e Ssese.*





Baminisita ba Gavumenti ez'ebitundu nga bali n'Abaami b'Amasaza mu nkiiko era basisinkana buli luvanyuma lw'emyezi 2.

### 32.) Okwongera ku Bitawuluzi mu Masaza



*Ebitaawuluzi 24 by'ebinunuddwa; Kyaddondo (1), Buddu (10), Butambala (2), Bulemeezi (2), Ssese (1), Busujju (1), Kyaggwe (7).*

### 33.) Enzirukanya y'Emirimu mu Masaza

Katikkiro ng'akwasa Essaza Kyaggwe eky'obuwanguzi bw'empaka z'enzirukanya y'emirimo mu Masaza 2022. Alipoota eraga amasaza nga bwe gaddiriŋŋana mu mpaka z'omwaka 2021/22



| | | |
|---|---|---|
| 1) | Kyaggwe | 77% |
| 2) | Bulemeezi | 69% |
| 3) | Butambala | 66% |
| 4) | Buddu | 58% |
| 5) | Ggomba | 56% |
| 6) | Ssese | 52% |
| 7) | Busiro | 50% |
| 8) | Buvuma | 47% |
| 9) | Mawokota | 42% |
| 10) | Kyaddondo | 39% |
| 11) | Mawogola | 37% |
| 12) | Kabula | 34% |
| 13) | Busujju | 30% |
| 14) | Ssingo | 27% |
| 15) | Kkooki | 23% |
| 16) | Buweekula | 22% |
| 17) | Bugerere | 21% |
| 18) | Buluuli | 14% |

# 6

# Ssemasonga Eyokusatu: Okukuuma Ebyaffe Ebyobugagga, Ettaka wamu n'Okunyweza Ensalo za Buganda

### 34.) Okusomesa Abantu ba Ssaabasajja Enkozesa y'Ettaka ey'Emiganyulo egy'Oluberera




*Ekitongole kya Buganda Land Board kitegese emisomo mu Masaza ne mu mawanga g'ebweru nga mu Bungereza Cornerstone House-14 Willis Road-Croydon-Office CR0 2XX mu London okusomesa n'okulambika abantu ba Ssaabasajja Kabaka ku bikwata ku ttaka.*







Boundary opening exercise does not mean an eviction

How to manage environmental problems

JOSEPH KIMBOWA

*Emisomo 13 mu Masaza, emirundi egisoba mu 200 ku mikutu gy'amawulire okuli leediyo, terefayina, empapula z'amawulire, omutimbagano, okufulumya obutambi 12 , flyers ne brochures 3,000 ebiraga enkola za BLB zonna.*




*Buganda Land Board yeetaba mu myoleso gino; ogw'Obulimi n'Obwegassi e Busujju, Ttabamiruka w'abakyala mu Lubiri, ogw'Ebika by'Abaganda e Whitehart Lane e London, ogwa*




*Uganda Land Owners Association, ogwa African Housing F orum eyategekebwa aba Habitat for Humanity Uganda e Kenya, ogwa Obutondebwensi ne ogwa CBS PEWOSA Nsindika Njake mu Lubiri ne Land Awareness week e Luweero.*

**35.) Ettaka**




Buganda Land Board

*Mu mwaka gw'ebyensimbi oguwedeko* **ebikoleddwa mu kugaba olukusa lwa liizi, endagaano, okukyusa obuwaayiro, okwongezaayo liizi, okuwaayo olukusa lw'okukyusa obwannannyini ssaako olwokwewola;**











*Buganda Land Board eyongedde okusembeza obuweereza eri abantu abawangalira ebweru w'eggwanga nga bakozesa Land Electronci card n'enkola ya Tekinologiya.*





1,632

Abantu 1,632 basaba okuwandiisa ebibanja byabwe



643

Obukonge 643 bwafulumizibwa



4,227

Fayiro 4,227 zaabalirirwa okuweebwa liizi



525

Ebiwandiiko 525 byaweerezebwa abayima ba Kabaka




48

Abantu 48 bawebwa olukusa okwongezaayo liizi




42

Abantu 42 baweebwa ebbaluwa ezigaba obuyinza ku by'omufu




Endagaano za liizi 488 zakolebwa ne 21 ez'okwawuzaamu ettaka

488






344



Ebyapa 344 byassibwako envumbo

322





Abantu 322 baweebwa olukusa okwewolera ku byapa



158

Abantu 158 baweebwa olukusa okukyusa obwannannyini

430




Ebyapa 430 bikoleddwa nebigabibwa by'ebitundu 63% ku buli 100

1,367



Ebibanja 1,367 byapuntibwa okusobola okufuna obukonge

3,941






Abantu 252 bakkirizibwa okuwaanyisa ebibanja n'oluvaanyuma lw'okutuuka kunzikiriziganya

252

Abantu 3,941 basaba okukyusa obwannanyini bw'ebibanja wamu n'okwongezaayo liizi

## 36.) Ettaka Eritaliziddwa Okufunirako Bamusiga Nsimbi n'Okulikulakulanya

Ettaka eritaliziddwa ;



a) Yiika 36 e Mutundwe
b) Sq Mile 64 mu e Funve e Ssese
c) Yiika 10 mu e Gombe
d) Yiika 4 e Mulungo
e) Yiika 2 ku mbuga e Goma
f) Yiika 1 e Kira

## 37.) Okulondoola Ebikolebwa ku Ttaka





*Ekikono kino kivunaanyizibwa okukuuma ebifo by'ennono n'okulaba ng'okuwaanyisa n'okukulaakulanya ettaka ly'Obwakabaka bagoberera emitendera. Bakolera ku bintu 42% mu kuyingiza ensimbi bwogerageranya ezaasuubirwa n'ezaafunibwa. Wansi tulaba butya bwebatukiriiza obuvunanyizibwa bwogerageranya ne bipimo;*

| EKYOKUKOLA | BAASUUBIRA | BAAKOLA | EBITUNDU |
|---|---|---|---|
| Okufuna bakasitoma abapya | 968 | 800 | 82% |
| Okukuuma n'okulawuna ebifo by'ennono | 968 | 150 | 16% |
| Okukwasaganya ensonga z'ettaka ez'enjawulo | 22 | 20 | 90% |
| Okulawuna n'okuyimiriza abazimba mu bumenyi bw'amateeka | 3,872 | 2,000 | 52% |
| Okugaba notisi eziyimiriza okuzimba | 3,872 | 3,000 | 77% |
| Okusisinkana Abaami ba Kabaka | 484 | 200 | 41% |



Omulamwa: Tewali kubongoota Embalirira y'Obwakabaka bwa Buganda 2023/24 n'Entebya 2022/23



*Enkiiko 44 neba namikaggo zaakolebwa; Centenary Bank, DFCU, World Bank, GIZ, Uganda Women Enterprenuers Association Limited, FIDA, UN Habitat nabalala.*



*Buganda Land Board yaweebwa engule y'okulwanirira enkola ya Mailo mu Natonal Lands Award*

# 7

# Ssemassonga Eyokuna: Okukola Obutaweera Okuddaabulula Ebyenfuna mu Buganda n'Okusitula Omutindo gw'Embeera z'Abantu Mu Bulamu Bwabwe obwa Bulijjo

**38.) Okugaggawaza n'Okusitula eby'Enfuna y'Abantu ba Ssaabasajja**

**39.) Okulinyisa omutindo gw'obukugu nga tuyita mu BRIBTE ne DIT okugaba ebbaluwa eri abalina obukugu kibasobozese okugaziya ennyingiza n'okwekulaakulanya**; abantu 530 be baagezesebwa mu mitendera 4; okukaniika eby'amasanyalaze, emmotoka, ebyamazzi, okufumba, okuzimba, okusiba enviiri n'okusiba enviiri era nebaweebwa certificate zaabwe.

Enkola eno egoberera okuwa abantu ba Buganda ebbaluwa 'certificate' abo abalina obukugu obwenjawulo naye nga ate balina bwebafuna ebbaluwa eno basobola okufuna ensimbi ezeggasa mu bukugu bwe balina.

**40.) Okuwagira abaana ab'obuwala, twatandiise pulogulamu ya Bodafix mu Buganda Royal institute nga eriwamu ne kitongole kya govumenti ekya DIT ne Mastercard Foundation okulaba nga tubabangula mu byokukanika pikipiki.** Enteekateka eno esomesa abaana abakanika bodaboda okubasobozesa okufuna emirimu n'ebbaluwa ezibakakasa mu bukugu bwabwe.





**41.) Obutale n'obwegassi**

a) **Ebitongole by'Obwakabaka byagula emigabo mu SACCO ez'ekuusa ku Bwakabaka.** Amakampuni gano wammanga gagula emigabo mu SACCO ezimu;

**i. CBS PEWOSA Nsindika Njake CBS PEWOSA Limited,**

- BICUL yagula emigabo 1,500,000.
- Lubiri High School Buloba emigabo 1,000,000.
- CBS erina emigabo 282,751,006


**ii. Essuubiryo Zambogo SACCO,**

- Nkuluze yagula emigabo 500,000
- Buganda Royal Institute 11,990,000
- Gwanika lya Buganda ne BICUL 1,340,000
- Lubiri High School Buloba emigabo 1,000,000.

BHTB ne Kabaka Foundation nabo bettanira empeereza za Esuubiryo Zambogo SACCO Limited.

**iii. Buladde Financial Services SACCO Limited**

Buganda Land Board erinamu emigabo gya 163,600,000



b) **Okuteekesa mu nkola ennambika ya SACCO ezirina akakwate ku Bwakabaka;** ennambika yatongozebwa wamu ne Bboodi ya Buganda Cooperative Development Agency (BUCADO), okunnyikiza obulimi n'obwegassi mu bakyala n'abavubuka okusobola okugoba obwavu.



Okuwagira abaana ab'obuwala, twatandise pulogulamu ya Bodafix mu BRI nga eriwamu ne DIT ne Mastercard Foundation okulaba nga tubabangula mu byokukanika pikipiki

**c) Eyeeterekera Nsindika Njake CBS PEWOSA SACCO**

- Erina ba memba abasoba mu 1560, n'ebibiina by'Obwegassi 200 nga buli kimu kirina ba memba 30.
- Batereka ensimbi ezisoba mu 2.86 billion.
- Erina amatabi 10 nga ekolera mu Disitulikiti 12




**d) Kyaddondo CBS PEWOSA SACCO**

| Olupimo | Omwaka 2021 | Omwaka 2022 |
|---|---|---|
| Emigabo ensimbi - zeyongera 33% | 763 (Obukadde) | 1.0 (Akawumbi) |
| Okutereka kweyongera 54.8% | 1.3 (Kawumbi) | 2.1 (Buwumbi) |
| Ensimbi ezaawolebwa - zeyongera 26.7% | 2.4 (Buwumbi) | 3.1 (Buwumbi) |
| Ensimbi-eziri mu kibiina (Obugagga bw'ekibiina) 86% | 2.7 (Buwumbi) | 3.9 (Buwumbi) |
| **Amagoba (Nga tonaggyako misoso egy'obuwaze) 758%** | **16.5 (Obukadde)** | **142.4 (Obukadde)** |
| Omugabo gwafunye Amagoba (Dividends per Share) | Shs. 3,035 | Shs. 4.000 |
| Abantu abali mu kibiina - beeyongedde | 1,332 | 2,233 |

**e) Buddu CBS PEWOSA SACCO**

- Erina ebibiina by'Obwegassi 1213 nga buli kimu kirina ba memba 30.
- Erina amatabi 5; Buddu, Ssese, Mawogola, Kabula ne Kkooki





| Olupimo | Omwaka 2021 | Omwaka 2022 |
|---|---|---|
| Emigabo gyakula | 1 bn | 1.7bn |
| Okutereka kweyongera | 5.8bn | 7bn |
| Okwewola kweyongera | 2.7bn | 3bn |
| **Ensimbi-eziri mu kibiina (Obugagga bw'ekibiina)** | **7.4bn** | **9.7bn** |
| **Amagoba (Nga tonaggyako misoso egy'obuwaze)** | **262.8m** | **404.4m** |
| Abantu ekibiina bekiweereza Obutereevu | Abantu 35,558 | Abantu 47,035 |

**f) Busiro CBS PEWOSA SACCO**

- Erina ebibiina by'Obwegassi 460 nga buli kimu kirina ba memba 30 by'ebitundu 127.1%.
- Tenaba kugulawo matabi malala.

| Olupimo mu bikolebwa | 31/12/2021 | 31/12/2022 | Okukula kw'ekibiina |
|---|---|---|---|
| Bamemba mu Bubondo | 228 | 460 | 102% |
| Bamemba Ssekinoomu | 636 | 1,444 | 127.1% |
| Emigabo | 176,047,200 | 334,710,600 | 90.2% |
| Okutereka | 862,865,882 | 1,016,473,613 | 17.8% |
| Okwewola | 537,403,814 | 1,531,775,487 | 185% |
| Amagoba | (79,091,170) | 15,792,811 | 20% |

**g) Buladde Financial Services Limited**

Erina ba memba abasoba mu 2,411.

- Abagula emigabo bali 9,000 ; Kabaka ⅓ , Buganda Land Board ⅓ n'abantu balin a ⅓ .
- Ekitebe ekikulu kisaganibwa Mengo okulinana ekizimbe kya Masengere, tenaba kugulawo matabi malala.

**h) Essuubiryo Zambogo SACCO**

- Erina ba memba abasoba mu 5,240 emigabo 72,719 gyegigulidwa era basiisidde mu bitundu nga Nakaseke ne Kayunga.

| Olupimo | Obungi obweyongeddeko | Omwaka 2021 | Omwaka 2022 |
|---|---|---|---|
| Emigabo | 49,480,600 (7%) | 677,705,398/= | 727,185,998/= |
| Okutereka | 112,673,203 (23%) | 482,093,298/= | 594,766,501/= |
| Omuwendo gwa Bammemba | 363 (7.4%) | 4,877 | 5,240 |
| Okwewola | 102,504,077 (11.3%) | 903,570,291/= | 1,006,074,368/= |

**SACCO yakola amagoba ga shs 45,253,756/=**

**h) Kuwagira emirimu gy'Obwegassi**




CBS PEWOSA nga ekolagana ne Stromme Foundation esobode okukola bino wammanga;

- CBS PEWOSA ewagidde ebibiina by'obwegassi 375 nga birina ba memba 10,380; aba vubaka 628 bali wansi wa myaka 18 nga 4,826 balina emirimu gyebakola egivaamu ensimbi nga bakatereka ensimbi 2,736,053,700/=

**i) CBS PEWOSA SACCO endala zitandikiddwawo mu masaza ge Ssese CBS PEWOSA SACCO ne Kabula CBS PEWOSA SACCO zatandikibwa era emirimu gitambula bulungi.** muma**saza ge Ssingo, Kyaggwe ne Bulemeezi.** enteekateeka, zigguse era SACCO ze Bulemeezi, Ssingo, Mawokota zitandiise nazo. Ebitundu ebirala ebirina amatabi ga PEWOSA agatannetengerera ku mutendera gwa SACCO ey'e Ssaza, byebino;

i. Butambala
ii. Bugerere
iii. Gomba
iv. Kkooki




**j) Aba Kamu Kamu Savings and Development group, Kirinya** ekulemberwa Ssaabagabo Frank Ssekalegga batereka ssente buli omu okusinzira ku busobozi bwe nebagg ula ettaka buli mwaka. Omwaka 2022 ba memba 20 bebafuna ebyapa byabwe mu nteekateeka eno.





## 42.) Okunyweza Enkola Eya "Nfunamu" (B2B Model) n'ekigendererwa eky'okwongera ku nyingiza mu Bwakabaka n'okukendeeza ku nsimbi ezisigala mu mabanja.

Enkola eno etambula bulungi era bangi bagyetanidde;

- Abaami ba Kabaka ku buli mutendera n'abantu ba Buganda mu kutunda emijoozi baweebwa komisooni wa 10% ku buli mujoozi.
- Abamagombolola bangi okuli Kawuga bennyigidde mu kutunda ebyettunzi by'Obwakabaka era nga aweebwayo komisoni.
- Abamasaza n'Abamagombolola bafuna komisoni wa 10% ku nsimbi za Certificate zebaleeta nga tebabanjibwa.
- Abaleeta bannamikago mu Bwakabaka baweebwa 10% mu butongole.

## 43.) Okuteekerateekera Abantu ba Buganda




a) Ekitabo **'Manya Essaza Lyo'** kyatongozebwa nga kirimu ebibalo ebikwata ku Masaza gonna 18 ."Ekitabo kino 'Manya Essaza Lyo' kigenda kutuyamba okulinyisa omutindo gw'obuweereza eri abantu ba Kabaka, nga tulina ebibalo ebituufu. Enteekateeka zonna za kukolebwa mu ngeri eŋŋungamu, tezisaanamu kuteebereza kuba kijja kuyamba okwongera okutuusa empeereza mu bantu ba Buganda nga tusinziira ku bizuuliddwa ku bwetaavu bwe balina.




Tusobodde okufuna ebibalo ebikwata ku balimi mu Bwakabaka ku buli yiika okuva mu kitongole kya BUCADEF. Ebibalo ku SACCO ezirina akakwate n'Obwakabaka nakwo kwakolebwa era alipoota yagabiibwa.

b) "Abstracts" aza buli mwezi ku nkozesa y'ebibalo mu Bwakabaka, mu abstracts zifuluma mu buli wiiki, **60** zaasobola okufulumizibwa ku bantu ab'enjawulo nga mwemuli ba Ssenkulu, ab'Olukiiko, mawulire, twitter wamu n'ebitongole eby'enjawulo.



c) Abakwanaganya b'ebibalo **40** okuva mu bitongole by'Obwakabaka n'emitendera egy'enjawulo baatendekebwa abakugu okuva mu Uganda Bureau of Statistics okumala ennaku 2 emirundi ebiri ku nkozesa n'entereka y'ebibalo n'emiwendo era balina omukutu ogwawamu ogubagatta okusobola okwanguya empuliziganya n'okuwaŋŋana amagezi.

**44.) Okulaakulanya Ebyenfuna by'Obwakabaka**

**45.) Okuzimba Ebizimbe by'Obusuubuzi**





Tusobodde okufuna ebibalo ebikwata ku balimi mu Bwakabaka ku buli yiika okuva mu kitongole kya BUCADEF. Ebibalo ku SACCO ezirina akakwate n'Obwakabaka nakwo kwakolebwa era alipoota yagabiibwa.







**a) Okulaba ng'ekizimbe kya Ndiwulira n'Owembuya bimalirizibwa.**

**i. Ndiwulira**; tuli mu kuyiwa enkokoto y'omwaliro ogw'okubiri, basement, omwaliro ogwa wansi n'ogusooka gyaggwa.



ii. **Owembuya;** tuli mu kumaliriza omwaliro ogusooka era gwonna gwatwalibwa Equity Bank ne Children's Hospital.




**46. Okuddaabiriza ebizimbe**

Buganda Land Board yaddaabiriza ekizimbe kya Buladde Financial Services e Mengo era kati SACCO y'Obwakabaka emirimu egikakkalabiza omwo.



**47.) Kittavvu kya Buganda kyatandika okuwagira ebyenfuna n'okusiga ensimbi mu mirimu.**

Ekittavvu kya Buganda kyatandika era amakampuni g'Obwakabaka gawagiddwa nga gawolebwa ensimbi okubaako emirimu gye baggusa, ebitongole ebyakaganyulwa mu nteekateeka eno;

- Mwanyi Terimba Limited
- K2 Telecom
- Weerinde Insurance Services
- Ssetendekero wa Muteesa 1 Royal University








Ssaabasajja Kabaka yasiima n'alonda Bboodi ya K2 Telecom empya era yatongozebwa Katikkiro nga ekulemberwa Omuk. William Ssekabembe






Twatandiikawo enkola ya Zuula; enteekateeka eno ekozesa Tekinologiya okulondola ebidduka nga ekuyamba okumanya amafuta, enneyisa y'omugoba, ekidduka kyo weekiri buli kiseera, n'okusiba yigiini y'ekidduka. Tulina ebidduka ebisoba mu **143** ebikozesa enkola eno.








K2 Telecom yatandiike enkola ya SMS ekuyamba okutuuka ku bantu mu nsi yonna obutereevu amangu ddala okuweereza alipoota, obubaka ate nga ssente nsaamusaamu.







**48.) Kampuni ya Mwanyi Terimba Limited okusubula, okusunsula n'okutunda emwanyi ebweru wa Uganda; Kampuni yasuubula wakati wa kiro emitwalo 150,000/= ku 200,000/ (150- 200MTs)**; kampuni ya funa ekifo - (sitoowa) e Namanve mu Kyaggwe. Kampuni yatandiika okusuubula emmwanyi eza Kase (FAQ), era nga kati esuubula ttani eziwera 200 (Kilo emitwalo 200,000) okuva mu balimi n'abasuubuuzi buli mwezi. Emwanyi zisuubulwa mu bitundu bya Buganda eby'enjawulo.






a) Kampuni yasobola okutunda ttani ze mwazi 21 e Russia era kati erina endagaano ey'okutunda wabweru emmwanyi ttani abiri mu taano **(100 MT)** eziva mu Buganda.

b) Katikkiro yasisinkana abakulira kkampuni enkozi ya kaawa, eya Cascade Coffee, e Seatle, mu Amerika, mu kaweefube ow'okufuna bannamikago, abakwasizaako Obwakabaka ku nteekateeka ya Mmwanyi Terimba. Tulina essuubi nti ensisinkano eno ejja kuvaamu ebibala.



Kampuni yatandiika okusuubula emmwanyi eza Kase (FAQ), era nga kati esuubula ttani eziwera 200 (Kilo emitwalo 200,000) okuva mu balimi n'abasuubuuzi buli mwezi.






c) Ebibala ebivudde mu nteekateeka ya Mmwanyi Terimba bingi ddala nga omuwendo gw'emmwanyi ezitundibwa wabweru gweyongedde. Alipoota ya UCDA eyafuluma mu March, 2023 yalaga nti Uganda ekwata ekifo kya mukaga 6 mu kutunda omuwendo gw'emmwanyi omungi mu katale k'Ensi yonna nga kati tutunda ensaawo 6,650,000 eza kilo 60 by'ebitundu 3.8%. Omutindo gw'emmwanyi ezitundibwa ku katale k'Ensi yonna okuva mu Uganda gweyongende ebitundu 2% okusinga omwaka oguwedde.

d) Mwanyi Terimba Limited yeetabye mu myoleso mingi ddala okusobola okubunyisa ebikwata ku Kampuuni eno.



**Omutindo gw'emmwanyi ezitundibwa ku katale k'Ensi yonna okuva mu Uganda gweyogende ebitundu 2% okusinga omwaka oguwedde.**












Ekitongole kya **Uganda Coffee Development Authority (UCDA)** kyakiriza Kampuni ya **Mwanyi Terimba Limited** okutunda emmwanyi wabweru wa Uganda neweebwa satifikeeti (coffee export license).


e) Ekitongole kya Uganda Coffee Development Authority (UCDA) kyakiriza Kampuni ya Mwanyi Terimba Limited okutunda emmwanyi wabweru wa Uganda n'eweebwa satifikeeti (coffe export license). Sampolo (samples) nazo tuzisindise ebweru, era tukyasindiika endala nnyingi. Tutuuka ne mumasinzizo eg'enjawula nga tutunda Kaawa Mpologoma buli lwa Sande.

**49.) Okusiika kaawa w'Obwakabaka;** Kampuni ya Mwannyi Terimba Ltd esobodde okukola kaawa ayitibwa "Kaawa Mpologoma" nga kaawa ono yawandiisibwa ekitongole kya Uganda Registration Services Bureau era n'akakasibwa nga kati atundibwa mu bitundu bya Buganda eby'enjawulo.



## Kampuni ya Mwannyi Terimba Ltd esobodde okukola kaawa ayitibwa "Kaawa Mpologoma" nga kaawa ono yawandiisibwa ekitongole kya URSB era n'akakasibwa






1.1 EMIGANYULO EGY'OMUGGUNDU MU MWAKA 2030 - BUGANDA KU NTIKKO

Ggwe ssimba emmwanyi zo ezilabirile, osiike!








### 50.) Okwongera ku muwendo gw'abannamikago abawagira empaka z'omupiira gw'Amasaza wamu n'emisinde mubuna byalo.

Tusobodde okukuŋŋaanya ensimbi okuva mu bannamikago abapya abatweyungako mu misinde egy'Amazaalibwa mu 2022 ezisoba mu bukadde 59. Bannamikago abeeyongerako kuliko; Crown Beverages, I & M Bank, Swico, Uganda Aids Commission.




Twazza buggya omukago ne airtel Uganda okumala emyaka 3, omukago oguwagidde okutumbula ebyemizannyo; ebyobulamu; ebitone; okunyweza obumu, n'okuwanirira omukutu gwaffe ogwa K2 Telecom

### 51.) Ebyempuliziganya

a) **Kampuni ya CBS** mukwongera okulinyisa omutindo yagula 'combiners' ebyuuma bikalimagezi bya leediyo ebiri 88.8 ne 89.2. era ne antenna eza leediyo zombi nebatumbula ku maanyi mayengo.

## CBS FM DIGITAL PERFORMANCE

27 | May | 2023

| Platforms | Handles | Reach, Engagements and Impressions |
|---|---|---|
| Website | cbsfm.ug | Total-clicks is 73,600 & 1,580,000 million Impressions |
| Facebook | @cbsfm ug<br>@cbs Emmanduso | Post Reach 3,158,750 Post Engagement 2,964,483 |
| Twitter | @cbsfm_ug | 1,741,000 Tweet Impressions |
| YouTube | @cbs Emmanduso | 540,200 Views Total views, 39,100 Watch time |
| TikTok | @cbsfm ug | 73,000 Followers, & 293,500 likes |
| Linkedin | @cbsfm ug | 2500 Connections |
| Instagram | @cbsfm ug | 3670 followers |

Okunoonyereeza okwakolebwa ku mayego ga CBS Leediyo 88.8 ne 89.2 mu mwezi gwa Mukulukusabitungo ne Ntenvu 2022 kwakizuula nti Leediyo etuuka mu masaza ga Buganda 18 nga okusomozebwa kukyali mu Ssaza lye Buweekula, Bugerere, Kkooki, Buluuli n'ebitundu ebimu mu Ssingo nga Kiboga.

Alipoota ya IPSOS eya nga 30 Mukulukusabitungo, 2022 yalaga nti CBS Leediyo yesinga okuwulirizibwa mu masekati ga Uganda gonna kubanga yesinza amayengo agamanyi n'okutuka ewala ku bitundu 20.2% era abavubuka abali wakati w'emyaka 18 - 24 abali mu bintu 12.6% bettanira nnyo okuwuliriza 89.2 emmanduso.

**b) Okukumaakuma bannamawulire abasaka ag'embuga**





Bannamawulire nga bakwasibwa ettu lya Ssekukkulu nga tubeebaza emirimu gye bakola egy'ettendo okumanyisa eggwanga ebigenda mu maaso mu Bwakabaka.





**c) BBS Terefaayina yaweza emyaka 7 bweddu ng'eweereza butereevu ku mayengo g'empuliziganya okuyita mu pulogulaamu zaayo ez'enjawulo.**







**Okusinziira ku alipoota ya Ipsos;** BBS Terefayina y'esinga okulabibwa masekati ga Uganda nga abantu ebitundu 74.37% bagyettanira, era ekwata kifo kisooka mu Rwenzori mu terefayina zonna, ate mu Uganda yonna ekwata ekifo kya kusatu.







BBS Terefayina y'esinga okulabibwa masekati ga Uganda ng'abantu ebitundu **74.37%** bagyettanira

## DIGITAL PERFORMANCE

| Platform | Handle | |
|---|---|---|
| Facebook | BBS Terefayina-Eyaffe | 86k |
| Twitter | @bbstvug | 320.6k |
| Tik Tok | BBS Terefayina | 168.5k |
| Instagram | @bbsterefayina | 54.4k |
| YouTube | BBS Terefayina<br>BBS Terefayina2 | 389k<br>65.9k |

Mu mwaka gw'ebyensimbi 2022/2023, BBS Terefayina yagula sonny cameras 2 empya, eziyambye ennyo okwongera ku mpeereza ey'omutindo.

### 52.) Okusiga Ensimbi









a) **Okutwala mu maaso pulojekiti y'okuzimba ennyumba ez'ensimbi ensaamusaamu e Sentema.** Enteekateeka eno etambula bulungi era ennyumba 114 ze zaakazimbibwa zakazimbibwa, ennyumba 45 mu mwaka gw'ebyensimbi guno ze zizimbiddwa.



b) **Okwongera okuzimba Amayumba e Kigo**






Villas 180 ne appartment block 6 zezakazimbibwa bidwa, mu mwaka gw'ebyensimbi guno; ennyumba **43** zimaliriziddwa ne apatimenti **2**; Ennyumba **21** zezizimbibwa mu kiseera kino.

Ekitundu kati kyetuliko kya kuzimba ennyumba ezakyeyagalire (customized) nga omuntu bamuzimbira okusinziira kukyayagadde era nga mu kiseera kino waliwo **poloti 30** ez'okumaliriza mu 2023.

Nnannyini kkampuni ya Henan Guoji, Sheng Tongshan yatta omukago n'Obwakabaka okuzimba amayumba e Kigo n'e Ssentema nga akwasa Katikkiro amakula ga Ssaabasajja Kabaka aga nnyumba ssatu ezizimbiddwa e Kigo era baakyalako n'embuga.

## 53.) Ebyobulambuzi

### a) Okukola Ekkadiyizo ly'Obwakabaka

Ekifo ekiriraanye Butikkiro omwali UCU/JCRC kyakwasibwa ekitongole ky'Ebyobulambuzi okutandikawo ekkaddiyizo lya Buganda, ekkakkalabizo ly'ekitongole lyasengulwa okuva mu Bulange neridda ku kifo kino.



Ng'ekitongole kyakola enteekateeka zino wammanga ezatandikibwaako;

a) Ekifo ky'ebifanaanyi bya ba Ssekabaka bonna 31 kiteekateekeddwa era kirambulwa.

b) Ekifo ky'ennyumba y'Omuganda n'emirimu gy'Omuganda egy'enjawulo bitegekeddwa era birambulwa.

c) Ekifo omuli ba Ssekabaka abana (4) abali mu Masiro e Kasubi kitegekeddwa era kirambulwa.







### b) Okwejjukannya eby'Edda (Coronation Vintage Show)

Ekitongole ky'Obulambuzi nga kigoberera enteekateeka y'Obwakabaka, kyatondawo olunaku lw'okwejjukannya eby'edda (Coronation Vintage Show) ga luno lwajjaguzibwa wiiki eyakulembera ebijaguzo by'Amatikkira ga 2022. Luno lwajjumbirwa nnyo mu mwaka 2022.




### c) Okutumbula eby'Obulambuzi Ebiyitira ku Mitimbagano.

Ekitongole ky'Obulambuzi kyagulawo emikuttu ku mutimbagano egy'obulambuzi, okwongera amanyi mukubunyisa okumanyisa eby'obulambuzi byetulina mu Buganda. Kino kyongerwamu amanyi buli kiseera.



**d) Okulongoosa Enyanja ya Kabaka**

Waliwo ebikoleddwa ku Nyanja ya Kabaka naddala kuluuyi lwa Pope Paul wage nga wakyaliwo ebisomooza. Waliwo ne Bulungibwansi owomugundu eyakolebwa okwongera okukuuma enyanja.

**Okumaliriza okulongoosa Enyanja ya Kabaka.**




**e) Okunoonyereza ku bifo by'Obuwangwa mu Masaza**

Ebifo by'obulambuzi mu Masaza byatandika okunoonyezebwa era ebifo eby'okulaakulanyizibwa okusobola okubigatta ku mukululo biri mu nteekateeeka. Olukiiko lwabatwaala eby'obulambuzi n'ennonno mu masaza lwatondebwawo era emirimu gigenda mu maaso.

**f) Okwongera omuwendo gw'abantu abali mu Uganda ebettanira eby'obulambuzi.**

Ebikoleddwa mu kitongole omuli okukozesa emitimbagano, okulanga ku Leediyo ne Terefayina, okutegeka emikolo egy'enjawulo nga Omwoleso Gaggadde byonna biretedde abajjumbira eby'obulambuzi okweyongera.








**g) Empaka za Banalulungi eza Buganda ne Uganda**


Nnalulungi w'Obulambuzi mu Buganda 2022/2023 Sydney Nabulya Kavuma yeyawangula empaka zaba nalulungi mu Uganda era n'akirira ensi yaffe mu mpaka za "Miss Tourism International Grand Finale e Malayisia n'awagula okusoma ekitontome





Munnabuddu Vanessa Hannah Nabakungulu yalondebwa kubwa Nnalulungi w'ebyobulambuzi mu Buganda 2023/2024.

**h)** **Ekirabo ky'emmere;** twazimba ekirabo ky'emmere mu bimuli bya Wankaaki w'Olubiri lwe Mengo era tusaba abantu okukyettanira kubanga kya mutindo




**54.) Okulaakulanya Embeera z'Abantu ba Buganda eza Bulijjo**

**55.) Ebyenjigiriza**







**a) Lubiri High School okuzimba ekisulo ekirala eky'abayizi**



Okuzimba ekisulo ekisulwamu abaana 400 kugenda mu maaso era wetunatuukira mu kitundu ekisooka eky'omwaka gw'ebyensimbi nga kiwedde, kumazeewo obukadde bisatu (300,000,0 00).

- **Lubiri High School etabi ly'e Buloba erina abayizi 1,088 ate etabi ly'e Mengo liweeza abayizi 1,005.**
- **Lubiri Nnabagereka Primary School erina abayizi abasoba mu 560.**





b) Ssaabasajja Kabaka yasiima n'awa essomero lya Good Samaritan Primary School e Buweekula amabaati 200 (geejji 30 (0.25MM) X 3M ekika kya S/E PPAZ B/RRL).

c) Ssetendekero wa Muteesa I Royal University yafuna charter, ettendekero lino liweza abayizi abasoba mu 2,580.







MRU yagula ebyuma ebikozesebwa mu kusomesa amasomo g'obwa yinginiya





d) Buganda Royal Institute of Business and Technical Education (BRIBTE) ku matikkira ag'omulundi ogwe 17, yatikkira abayizi 1031, abawala 565, n'abalenzi 466. BRIBTE mu kiseera kino eweza abayizi 4,330. BRIBTE yagula camera 40 era zikola bulungi.



e) Obwakabaka bwawaayo ebirowoozo mu kakiiko akakola ku bbago ly'ebyensoma (Education Policy Review Commission) akakulirwa Hon. Amanya Mushega. Alipoota eno erimu ebyazuulibwa oluvannyuma lw'okunoonyereza ku by'ensoma okuva ku nnasale okutuuka ku mutendera gwa ssettendekero.

**f) Okuwagira eby'Okusoma e Buvuma**





Ssaabasajja Kabaka yasiima n'awa abayizi b'e Buvuma ebitabo n'enkuluze y'Oluganda mu kaweefube w'okutumbula omutindo gw'ebyenjigiriza mu Ssaza eryo.

**g) Okutegeka n'Okubunyisa Ebigezo by'okwegezaamu ku Mitendera Egyenjawulo (BECO Mock Examinations)** ebbaluwa zaaweebwa abakulu b'amasomero gonna era twetabye mu nkiiko 3 ez'abakulu b'amasomero okugeza Mawokota, Bulemeezi ne Gomba okwongera okukunga amasomero okwewandiisa mu bigezo ku mutendera gwa ekibiina eky'omusanvu, eky'okuna n'eky'omukaaga. Abayizi abawerera ddala 12,500 be beetaba mu nteekateeka eno. Twongedde ku muwendo gw'abakwanaganya b'ebibuuzo mu Masaza gyebatabadde, okugeza, tulina e Kabula, Buvuma, e Kooki ne Buluuli.







**h) Okuzimba Ekizimbe Ggaggadde e Bbowa Vocational and Secondary School**


Okuzimba ekizimbe ekinene ku somero okuli amakakkalabizo 2, ekkuŋŋaaniro ly'abasomesa limu n'ebibiina 4 ebisomerwamu kwatandika era tuli mu kusereka. Gusuubirwa okugguka mu mwaka gw'ebyensimbi ogujja.





**i) Okuzimba Early Childhood Development Centre ne Youth Development Centre mu Ssaza ly'e Bulemeezi ne Kazo, Kyaddondo.**

Okuzimba kwatandika e Bulemeezi era ekizimbe kyaggwa okuzimba. Ebisigadeeyo bya kuggwa mu mwaka gw'ebyensimbi ogujja era kitandiike okozesebwa.



Okuzimba kwatandika e Bulemeezi era ekizimbe kyaggwa okuzimba, okugala n'okusereka.





BRIBTE yamaliriza okuzimba essomero ly'abaana abato e Kazo nga tukolagana ne bannamikago aba IREAD.







j) **CBS PEWOSA eddaabiriza amasomero** g'abaana abato (Early Childhood Care and Educa tion) 44 ne kabuyonjo 44, ebawadde ebitabo 500, abasomesa 78 batendekeddwa, n'ebibiina 10 biri mu kuddaabirizibwa ku St. Charles Katuekiborlaga ne St. Mary's Bunjaki Primary school n'amasomero amalala.

k) **BRIBTE yazimba n'ekifo we bayigiririza okusiiga ebifaanany i (Art Gallery)**






## 56.) Ebyobulamu





# Tusobodde okusomesa n'okutuukirira abantu omuli



abaami
**25,800**



n'abakyala
**10,700**
mu buntu

**a) Tusobodde okwenyigira mu kaweefube w'okulwanyisa ekirwadde ki Ebola ekitadde bannayuganda ku bunkenkene nga tuli wamu ne bannamukago ab'ekitongole ky' ensi yonna ki UNDP.**



Tusobodde okubangula abantu ku ngeri gye basobola okwetaasa obulwadde bwa mukenenya era ebyoto 175 bitegekeddwa ku mbuga z'amaggombolola.

Tusobodde okusomesa n'okutuukirira abantu omuli abaami 25,800 n'abakyala 10,700 mu buntu naye ate n'obukadde bw'abantu bungi ku mikutu gya Leediyo, Terefayina, Amawulire, emitimbagano n'emipiira gy'Ebika egy'Abaami n'Abakyala wamu n'ekuŋŋaana z'oku Mbuga.

**b) Okukola ebyoto ku buli Gombolola ebikwata ku byobulamu n'enteekateeka za Kabaka endala nga bwanaaba asiimye.**








Abantu ba Kabaka babanguddwa ku nsonga y'obulwadde bwa mukenenya, Ebola n'obutabanguko mu maka mu maggombolola 174. CBS FM ne BBS Terefayina nga ekolagana ne UNAIDS mu kaweefube ayitiibwa "abaami Munyeeye" agnderedwamu okulwanyisa obulwadde bwa mukenenya; basomesa abaami 20, bategeeka pulogulamu z'okumpewo 213, abayizi bakola obulango 13, Abakulu b'ebika basomesebwa emirundi 5 n'ebyoto 13 bye byategekebwa.




**c) Obwakabaka busobodde okulaga ebibalo ku kirwadde kya mukeneenya mu Buganda ku lunaku lwa Mukeneenya nga olwa nga 01 Ntenvu, 22.**

Abantu abakwatibwa Mukeneenya bakendedde ebitundu 54% mu Buganda, abaami ebitundu 60% bettanidde okwekebeza obulwadde buno.

Abantu abafa obulwadde bwa mukenenya bakendedde ebitundu 61%.





Katikkiro ng'alambula ebizinga by'e Ssese mu kaweefube ow'okulwanyisa mukenenya, n'okubangula abantu ba Kabaka n'abakulembeze.






Obwakabaka bwetaba mu Lukuŋana lwa UNAIDS olwa 51 olwali Thailand okwogere ku ngeri Ssaabasajja gy'akunzeemu abasajja (n'abantu bonna) okulwanyisa mukenenya. Oweek Prof. Twaha K. Kaawaase yeyakikiirira Obwakabaka.










Aba @UNAIDS beebaza Ssaabasajja Kabaka olw'amaanyi gaatadde mu kulwanyisa mukenenya. Ms. Jacqueline Makokha, akulira ettabi lya UNAIDS mu Uganda ng'akyadde e Mbuga.





Twategeka Olusiisira ku kulwanyisa mukenenya olw'ennaku 3 mu bizinga by'e Kalangala nga tukolagana ne bannamikago aba UNAIDS ne Aids Information Centre.



**d) Okukola enteekateeka y'okuddukanya amalwaliro g'Obwakabaka 6 mu nkola y'ekikugu ey'olutenteezi egyaayo ekifaananyi ky'Obwakabaka ekisaanidde.**

Twakola business plan ey'emyaka etaano erambika obulungi engeri amalwaliro gye ganaddukanyizibwamu era twatta omukago ne Buladde Medical Research Institute okutumbula omutindo gw'ebyobulamu mu Buganda.



Obwakabaka bwa Buganda bwatta omukago n'eddwaliro ly'e Mmengo okusomesa n'okutendeka abazaalisa 18 mu Bwakabaka buli mwaka, mu kaweefube w'okukendeeza ku muwendo gw'abakyala abafiira mu ssanya.

Mu mukago guno, abasawo okuva mu ddwaliro e Mengo baakusomesa nga abakyala ab'embuto omugaso gw'okunywa eddagala mu malwaliro n'okuzaalira mu bakugu. Mu ngeri yemu kino kya kuyambako okukendeeza ne ku muwendo gw'abaana abawere abafiira mu ssanya n'abafa nga tebannaweza myaka 5 egy'obukulu.



Buganda Medical Bureau yatongozebwa nga yaweebwa obuvunaanyizibwa okutunuulira n'okulambika entambuza y'emirimu mu malwaliro g'Obwakabaka gonna n'ebyobulamu byonna okutwaliza awamu.





Amalwaliro ge Nsangi ne Bulemeezi gagenda kutandika okuddukanyizibwa mu mwaka gwe by'ensimbi omuggya.



**e) Okuwagira enteekateeka y'okugaba omusaayi mu bintu bya Buganda byonna.** Uniti z'omusaayi **80,116** zezikuganyizibwa okuva mu masaza; Kyaddondo **(42,218)** Mawokota **(5706)** Butambala **(4678)** , Gomba **(4846)**, Busujju **(4939)**, Bugerere **(7265)**, Mawogola **(7278)**, Kabula **(3186)**. Twebaza nnyo abantu abettanidde enteekateeka eno.



Ekitongole kya Kabaka Foundation, kyaweebwa Ejjinja lya Red Cross, erisinga omuwendo eriyitibwa "Henry Dunand Award", olwa kaweefube w'okukuŋŋaanya omusaayi mu masaza ga Buganda gonna okutaasa obulamu.

### f) Okuzimba Amalwaliro g'Obwakabaka








Okuzimba amalwaliro asatu Busimbi-Ssingo, Njeru-Kyaggwe ne Mukungwe-Buddu kwatandika era kutambula bulungi. Twatandika n'ekizimbe eky'okujjanjaba abalwadde abava ebweru mu buli ssaza era eddwaliro ly'e Busimbi lye twasookerako lituuse okuserekwa. Amalwaliro gonna asatu gajja kutandika okuwa obujjanjabi mu mwaka gw'ebyensiimbi 2023/2024.







### g) Okuzimba Rotary Nkozi Trauma and Accident Centre



Obwakabaka bwakwasa abaddukanya eddwaliro ly'e Nkozi ensimbi **obukadde 138**, okuyambako ku mulimu ogw'okuzimba woodi y'abagudde ku bubenje. Ensimbi zino zaakungaanyizibwa okuva mu kyeggulo kya Kaliisoliiso eky'omwaka 2022 ekya tegekebwa CBS leediyo nga ekolagana ne Rotary Uganda nga basoosowaza omulamwa ogw'okutumbula eby'obulamu bw'abantu

## 57.) Eby'Amazzi n'Ebyobuyonjo

### a) Kaabuyonjo





Ekitongole kya Kabaka Foundation nga bakolagana ne bannamukaggo aba Uganda Breweries Limited okuyita mu pulogulaamu ey'omugotteko eragibwa ku BBS Terefayina bazimbye kabuyonjo munaana (8) naddala mu butale bwa Kabaka buno; Katwe, Mengo, Nakulabye ne Mulago, Olubiri lwe Mengo n'e Namuwongo - Kanyogoga.





Rotary Club ya Antioch n'Omumyuka w'Omubaka ow'Amambuka ga California (San Francisco; Sacramento; Nevada), Paul Kiruuta, mmemba, baatonedde Obwakabaka US $ 7,000 okuyambako okusima oluzzi, mu nkolagana n'aba Wells of Life.







### b) Okwongera Okubunyisa Amazzi Amayonjo nga Tusima Enzizi mu Bitundu bya Buganda



Obwakabaka bwa Buganda nga buli wamu ne bannamukago aba Wells of Life mu myaka 4 tusimye enzizi 699 netuzabiriza 350. Mu mwaka gw'Ebyensimbi 2022/2023 tusimye enzizi 3 eziddabiriziddwa 15 mu Ssaza lye Ssingo ne Buweekula




Abantu b'e Mawanga mu Gombolola ya Mumyuka Maanyi, Busujju, nga bakwasibwa oluzzi olwabasimirwa.

Ensimbi ez'okuluzimba zaaweereddwayo ab'e Rocky Mountains, e Colorado n'e Denver, abakulemberwa Oweek. Lylles Nassuuna ne Mw. Kiyemba D.C.



Tusimye enzizi
**699**
netuzabiriza
**350**

Mu mwaka gw'Ebyensimbi 2022/2023 tusimye enzizi 3 eziddabiriziddwa 15 mu Ssaza lye Ssingo ne Buweekula



## 58.) Ebyobulimi



a) **Obwakabaka bwayingira omukago ne kampuni ya NUCAFE okusobola okutumbula ekirime ky'emmwanyi nga eyita mu bibiina by'obwegassi okusobola okuyamba abavubuka n'abantu abalima ekirime kino okuva mu bwavu.**

b) **Okuteekawo enteekateeka y'abalimi okukyaliragananga okusobola okufuna obukugu mu nnima ey'omulembe.**

> Abalimi bano baatuteegeza ku miganyulo gye bafunye mu kukyalira balimi bannaabwe omwali endiisa y'ennimiro y'emmwanyi...

Abalimi okuva mu Ssaza lye Busujju basobola okukyalira abalimi b'emmwanyi mu Ssaza Mawokota ne Kyadondo omwali Hon. Kasibante Moses mu Ssaza Mawokota ne Mw. Ssemakula Judie mu Ssaza Kyadondo. Abalimi bano batuteegeza ku miganyiro gyebali bafunye mu kukyalira balimi banabwe omwali endiisa y'ennimiro y'emmwanyi, okugoba wamu n'okutangira akawuka akakaza emmwanyi, enjawulo wakati w'enimiro y'emmwanyi esimbiddwa mu nkola eya *Brazilian* wamu n'ennima eyabulijjo eya *10ft x10ft.*









c) **Obwakabaka bwagulira Abalimisa pikipiki okubayamba okutuuka mu bitundu gyebasomesa.** Pikipiki kumi (18) zagulibwa era neziwebwa buli mulimisa mu Ssaza 18. Abalimisa basomeseza abayambi baabwe kati basoba mu 50 okwongera okuwagira ennima y'omulembe mu Buganda.




d) **Okukola ennimiro 18 ez'okulabirako ennima ey'omutindo (Demo Farms) ey'emmwanyi n'ebitooke mu Masaza.** BUCADEF yatta omukago ne Kampala Domestic Store Ltd, okutendeka abavubuka 3,500 okweggya mu bwavu nga tukolera wamu ne Private Sector Foundation Uganda okutumbula obulimi bw'emmwanyi mu bavubuka, okuyita mu nkola etuumiddwa "Coffee for Decent Youth Employment",







BUCADEF esimbye ennimiro ezirabirwako 9 z'emmwanyi zitandikiddwawo nga bakolagana ne bannamikago aba Kampala Domestic Stores (KDS) okuyamba abavubuka okwejja mu bwavu. ***Emmerezo z'endokwa ze mmwanyi 7 mu masaza ziteekeddwawo mu ; Buddu, ssingo, Butambala, Gomba, Bulemeezi, Ssese ne Kyaggwe era n'okuzimba ebiyumba by'emmerezo 3 kwagwa***. Omwaka oguwedde twasobola okusala endokwa z'emmwanyi 17,792. Zasalibwa okuva mu mmereze tanno (5) nga luno lwe lusala olusoose.

Abavubuka 50 mu ssaza lye Buddu okuva mu Masaka, Lwengo, Kalungu batendekeddwa okulabirira emmwanyi mu pulojekiti eyitibwa Youth for coffee in Uganda nga batendekebwa aba CafeAfrica, ne BUCADEF nga yakumala emyaka 2.

Omwaka oguwedde twasobola okusala endokwa z'emmwanyi **17,792**



Abavubuka bano bajja kuddamu okutendekebwa oluvanyuma baweebwe ebyokukozesa mu nnimiro baddeyo bawereze ebitundu byabwe.







**e) Okwongera amanyi mu kulima Amatooke mu Buganda nga tufunira abantu ba Ssaabasajja Kabaka endu z'ebitooke eby'omutindo.** BUCADEF yakola okunoonyereza ku bika by'ebitooke eby'enjawulo n'emisomo gy'obulimi giwereddwayo eri abalimi naddala abavubuka mu masaza Buddu, ssingo, Butambala, Gomba, Bulemeezi, Ssese ne Kyaggwe.

**g) Okuganjawasa okulima muwogo ow'embala wansi w'omukago gwa EBAFOSA.** BUCADEF esomeseza Abavubuka ku by'obulimi n'obulunzi emisomo egiwerera ddala 65 mu masaza okuli; Ssingo, Kyadondo, Busiro, Buddu, Mawokota, Butambala, Busujju, Ssese, Buweekula, Bugerere ne Bulemeezi. Abavubuka basobodde okufuna obukugu mu kulima n'okukola ebintu ebyenjawulo mu muwogo okugeza, paani, Amanda, bagiya n'ebirala. Tuli mu nteekateeka y'okufuna akatale ka sitaaki ava mu muwogo

**f) Okutandikawo ennimiro eziyigiriza okulimira awafunda mu Masaza.**

Emisomo eri abalunzi b'enkoko gitegekeddwa mu Masazza Buddu, Busiro ne Kyadondo. Emisomo gy'embizzi mu masazza Kyaggwe ne Ssingo. Omusomo gumu eri abalunzi b'ebyenyanja eri ekibiina ekimanyiddwa nga Wamala Fish Farmers Group.

**g) Enteekateeka ya Mmwanyi Terimba**














*Obulabirizi bw'e Namirembe bwakafuna endokwa z'emmwanyi ezisukka mu mutwalo mu nteekateeka ya Mwanyi Terimba ey'Obwakabaka bwa Buganda era omulimu ogukoleddwa mulungi nnyo.*




**h) Twakuza olunaku lw'Obulimi n'Obwegassi 2023 mu ssaza ly'e Kyaggwe wansi w'omulamwa "Okukulaakulana tulina okwettanira Obulimi n'Obwegassi".**





Omwendo gw'ebitongole ebyetaaba mu nteekateeka z'omwoleso gweyogerako okuva ku gwa 2022 okutuuka ku 55.








**Twebaza nnyo ebitongole n'amakampuni okuwagira omukolo guno;** Bank of Uganda, Equity Bank - Mukono branch, Nakawuka Clays, Prisma Farmers, Dental formula, Black Seed, Magoba Pumpkin, Research Point, Ssenga Nabossa nabalala abetaba mu mwoleso.

**i) Okulima Pamba**



CBS PEWOSA ekunze abalimi ba pamba 83 era balimye yiika 20 eza pamba mu ssaza lye Mawokota.

**59.) Okukuuma Obutonde bw'Ensi**



**a) Katikkiro yatongoza ennambika y'Obwakabaka ku binaasomesebwa ku Butondebwensi (Buganda Environment Training Manual)** ku lunaku lw'Obutondebwensi 2023.



Mu nteekateeka z'Okukuuma, Okutaasa n'Okuzaawo Obutondebwensi, Obwakabaka bukolagana ne bannamikago bano wammanga; Ministry of Water and Environment, World Wide for Nature Uganda, Rotary Uganda, Uganda Biodiversity Fund, Lake Victoria Regional Local Authorities Cooperation, (LVRLAC), Climate Action Network Uganda (CAN-U) nabalala.

**b) Okusimba emiti ku Mbuga z'Amasaza n'Amagombolola n'Okugirondoola**





Yiika z'ettaka 200.9 zezifunibwa mu masaza okusimbako emiti nga tukolagana ne Rotary Uganda Ssese (50), Kabula (5), Kyaggwe (20), Kyaddondo (3.9), Lubiri-Mengo (2), Mawokota (38.5), Butambala (5), Mawogola (4), Bulemezi (5), Buluuli (10), Ssingo (3), Busiro (5), Buvuma (15), Buwekula (10), Busujju (15.5), Bugerere (10).

Essaza lye Bulemezi lyafuna emiti ginnansangwa Lukumi (1000) egyasakibwa BUCADEF okuva mu BUCADEF ne Rotary Club of Wandegeya okuva mu National Forest Authority.










**c) Abamyuka b'amasaza**, **banampala**, abakulira obutondebwensi ne bannamateeka okuva mu masaza, aba Rotary ne Bboodi ya Bulungibwansi n'obutonde bwensi baasomesebwa ku mateeka agafuga Obutonde bwensi



**f)** **Nnalulungi** w'Ebyobulambuzi mu ggwanga, Sydney Nabulya Kavuma, ne Bannalulungi b'ebyobulambuzi mu Buganda, nga bakola Bulungibwansi ku Lubiri lw'e Mengo; akatale k'e Mengo; okulwanyisa endwadde eziva ku bujama n'okutumbula ebyobulambuzi.




Abavubuka **144**
abeegatira mu bibiina 4
baatendekeddwa CBS PEWOSA e Buyaaya mu ssaza ly'e Mawokota okukuuma Obutonde...

...era basimbye
**emiti 2,796**

**g)** **Abavubuka 144 abeegatira mu bibiina 4** baatendekeddwa CBS PEWOSA e Buyaaya mu ssaza ly'e Mawokota okukuuma Obutonde bwensi n'okulimira mu kibuga n'okwawula kasasiro okumugyamu omuganyulo ng'okukola ebigimusa, amanda n'ebintu ebirala ebikuuma obutonde bw'ensi era basimbye emiti 2,796.

**h)** **Okulondoola entobazi, emigga n'embalama ebiri mu katyabaga k'okusanyizibwawo.**



Twalambula olutobazi lwa lubigi ne ku mwalo e Ggaba era Abantu mu bintundu ebyo basomesebwa ku miganso gy'okukuuma obutonde bw'ensi n'obutamansa buveera na bucupa mu nnyanja.







Obwakabaka bwatondawo omukago ne Uganda Biodiversity Fund, omukago guno gwa kutuyamba okumanyisa abantu ebikwata ku butondebwensi, n'engeri gye tuteekeddwa okubukuuma okwewala okubutyoboola, awamu n'okutaasa ebika byaffe.

Obwakabaka bwatta omukago n'abakulembeze ba gavumenti ez'ebitundu ebyetoolodde ennyanja Nnalubaale abegatiira mu kitongole kya Lake Victoria Regional Local Authorities Cooperation, LVRLAC okulaba nga twogeza eddobboozi limu okugitaasa n'okugikuuma nga nnyonjo.



Tukubiriza abantu okusimba emiti ku mikolo nga; okwanjula, amazaalibwa, okumala emisomo, ennyimbe, embaga, ng'omu ku kaweefube wokukuuma obutondebwensi.

**60.) Bulungibwansi**

**a)** **Twatema empenda ez'okutuukiriza ekattala ery'okuzimba ennyumba 13 n'okugaziya enkola y'Amaka Amalungi Akaalo Amatendo.** Twakazimba ennyumba 13 mu Buganda nga tuli wamu ne banywanyi baffe aba Habitat for Humanity era zaakwasibwa abantu abeetaaga okubeerwa.




*Tetuzimba buzimbi wabula tuzimba maka kuba baweebwa tanka y'Amazzi, Kabuyonjo ne baweerera n'omwana omu atuuse okukola eby'emikono n'asobola okugyamu ensimbi.*





**b)** Ennyumba ey'okulabirako yazimbwa nga tukolagana ne Rotary Uganda ku Kyasiira Home of hope mu Busiro ng a erimu ebisenge biri, eddiiro, eriko ttanka y'amazzi, effumbiro, kaabuyonjo nekinaabiro eky'omunda nga bikozesa mazzi, ng'esobola bulungi embeera y'omu kibuga.










c) Habitat for Humanity Uganda yatendeka abavubuka 11 mu mirimu gy'emikono omuli okusiba enviiri, okukanika emmotoka, okuzimba, n'okutunga engoye, era Rotary Uganda mu nteekateeka ya Vijana Poa yabawagira n'ebikozesebwa okusobola okwetandikirawo emirimu;





**Ebintu ebyabaweebwa bye bino;** Ebyalaani - 4, Tuulu Box - 4 , Jeeke- 4 , Obutebe-4, Dulaya y'enviri eyo ku kisenge- 1, Dulaya y'enviri ey'engalo- 1, Ebitiyo -2, Enkumbi- 4, Emisumeni-2, Element- 2, Spanner. 42, Enyondo. 4, Magalo. 8, Choka- 4, Tepu measu re- 2, Ovallo- 6, Ebisanilizo -10, Sinki- 1, Tawulo- 3, Tepumeza mpanvu- 2, Epuroni- 5, Penandulam- bob- 2, Emiyiko- 2, Ebipande-pluster- 2, Giloves- Box -1, Sukulu drivers-8, Emiguwa- 2, Tindo - 2, Empiso box- 4, Makansi- 6, Empiso ezitunga- 4, Adijasitebo- 4 n'ebintu ebirala.





**d) Okukunga abantu okwongera okukola Bulungibwansi ow'omuggundu n'okubasomesa ku Bulungibwansi.** Bulungibwansi ow'Omuggundu akolebwa mu masaza ag'enjawulo buli Lwamukaaga olusembayo mu mwezi.



*Bulungibwansi yakolebwa ku nyanja ya Kabaka nga tukolagana ne bannamikago aba Minstry of Water and Environment, Kampala Capital City Authority, National Forestry Authority, Climate Action Network Uganda, nabalala.*











*Amagombolola gonna gaakola Bulungibwansi mu byaguzo by'okukuza olunaku lwa Gavumenti ez'Ebitundu ne Bulungibwansi era Essaaza Kyaggwe lyakwasibwa engabo ne Sitoowa ya Bulungibwansi nga essaza eryasinga okukola emirimu mu mwaka 2022/2023.*

**e) Okukola Bulungibwansi mu Lubiri n'okusimba emiti**





*Amagombolola gona gaaweebwa ebifo byebavunaanyizibwako mu Lubiri era balabirira bulungi emiti egyasimbibwa. Kikolebwa buli mwezi ate Bulungibwansi ow'Omuggundu n'akolebwa buli luvannyuma lw'emyezi esatu.*

## 61.) Abakyala n'Ekikula ky'Abantu

### a) Abakyala okwongera ku nyingiza gye bafuna





***Waliwo pulojekiti ez'enjawulo mu bakyala ezisukka mu 1,200 ezaakolebwa mu bukulembeze bwabwe mu masaza. Zaayamba okuyingiza ensimbi okugeza, okulunda, okulima obutiko, enva endiirwa, ebitooke, emwanyi n'ebirime ebirala. Pulojekiti endala mulimu abakola eby'emikono (Crafts), abatunzi n'abakola eby'obusuubuzi kyokka nga babikolera mu bibiina by'Abakyala. Obukulembeze bw'Abakyala n'emirimu gyabwe gyalambulwa mu Ssaza Bulemeezi, Bugerere, Ssingo, Busujju, Busiro, Buvuma ne Kyaddondo.***

### b) Okulambula abakulembeze mu kitongole ky'Abakyala n'Ekikula ky'Abantu.





Ekitongole ky'Abakyala kyasobola okulambula abaganda ababeera e South Africa mu Ttabamiruka w'amaka era obugenyi bwabwe buleetawo enjawulo nnene mu nsonga z'obufumbo n'amaka g'abantu mu bukulembeze bw'ennono e South Africa.

Abakyala baalambula ekkolero lya Durbanville Hills mu South Africa, nga likola wine, ne basomesebwa okwongera omutindo ku by'okunywa ebikolebwa mu masaza okuva mu hibiscus, ennaanansi n›ebirala.





### c) Twakuza Olunaku lw'abakyala mu Buganda ne Ttabamiruka waabwe mu Ssaza ly'e Ssese, nga gwatambulira ku mulamwa ogw'okweyambisa tekinologiya n'obuyiiya, okugoba obutabanguko mu maka.





Waliwo emikutu migatta bantu (WhatsApp), 3 egyakolebwa ku nsonga ez'enjawulo naddala eziyamba ku kuzimba obutebenkevu mu maka, era gikoze kinene okulambika n'okubudaabuda abantu gisoosowaziddwa.

## 62.) Abantu ba Ssabaasajja Abaliko Obulemu - Emiramwa Egibakwatako obutereevu





a) Wabaddewo emisomo 8 eri Abakyala n'Abantu abaliko obulemu ku nkwata y'ebyensimbi, okutandika emirimu, obutabanguko mu Maka, obutatulugunyizibwa lwa kikula kya Muntu, Mukenenya n'emirala ku bwegassi.



Waliwo pulojekiti ez'enjawulo mu bakyala ezisukka mu **1,200** ezaakolebwa mu bukulembeze bwabwe mu masaza. Zayamba okuyingiza ensimbi mu maka.





b) Twajaguza olunaku lw'abaliko obulemu n'ekigendererwa eky'okutumbula embeera zaabwe, okubayigiriza emirimu gy'emikono gye basobola okukola okwekulaakulanya, twagaba n'eggaali 18 nga tukolagana ne Rotary Uganda.



Omulamwa: Tewali kubongoota
Embalirira y'Obwakabaka bwa Buganda 2023/24 n'Entebya 2022/23





c) CBS PEWOSA yasomesa abavubuka abaliko obulemu 330, ebakozeemu ebibiina 30, eddaabiriza ebibiina mwe basomera 19 mu masomero 5, kaabuyonjo 20 ze baakozesa zizimbidwa mu masomero 5.





### 63.) Ekisaakaate kya Maama Nnabagereka



a) Ekisaakaate kya Maama Nnabagereka kyettanirwa buli mwaka era abaana abakyetabamu na bakiwagira beeyongera buli mwaka. Omwaka gw'ebyensimbi oguyise Katikkiro ne Maama Nnabagereka nga basomesa abasaakate ku Muzza High School e Kyaggwe

b) Oweek. Philip Katahoire, ow'ensonga z'ebweru mu Bukama bw'e Bunyoro naye yalambula engeri Ekisaakaate gye kitegekebwamu n'okubaako bye bayiga basobole okubyeyambisa mu Bukama bw'e Bunyoro.

| Omwaka | Omuwendo gw'abaana abeetaba mu Kisaakate |
|---|---|
| 2017 | 425 |
| 2018 | 450 |
| 2019 | 445 |
| 2020 | 601 |
| 2023 | 503 |






c) Maama Nnabagereka Sylvia Nagginda, yatongozza ekitabo Obuntubulamu, ekinnyonnyola obuntubulamu n'engeri gye bulina okuzimbibwa n'okukuumwamu okuyamba ennyo okuzza empisa mu baana n'okubayamba okwewala ebikolwa ebikyamu.

Enteekateeka eno erimu obufuzi obwensikirano obulala nabwo obugyenyigiddemu era ekitongole ky'amawanga amagatte ekya UNDP kigiwagira nnyo. Tusaba abazadde n'abantu bonna, okussa essira ku kutumbula obuntubulamu, kiyambeko okutereeza eggwanga.

## 64.) Abavubuka

**a) Ebibiina by'abavubuka mu bwegassi (Youth Investment Clubs), kyatandikibwawo era** kirimu abavubuka abaweerera ddala 40 nga batereka 50,000 buli mwezi era ng'ensimbi zigenze ziwera nga kati bali mu kuteekebwateekebwa okulaba engeri gye bazisigamu.





**b) Katikkiro yakyalira bannankobazambogo e Kabaale,** Ekitundu kino kigatta bannankobazambogo abali e Mbarara, Bushenyi – Ishaka wamu ne Kabale. Bano bonna baakuŋŋaanira ku White Horse in Hotel e Kabale wamu ne Kabale University nga **15/10/2022.**





Katikkiro mu kifaananyi n'abavubuka okuva mu bukulembeze bw'ennono mu Kigezi, ku kono abavubuka abeetaba ku mukolo.



**c) Abavubuka Okufuna Obukugu (Youth Skilling)**; okutendeka abavubuka okufuna obukugu n'okubateekateeka; pulojekiti ezibakulaakulanya (Youth Skilling) zaakolebwa i) era abavubuka 622 okuva mu ssaza lye Kyaggwe (82), Mawokota (130), Buweekula (150), Bulemeezi (130) ne Bugerere (130) bebaatendekedwa nga tuliwamu neekitongole kya Uganda Communication Commission ku nkozesa ya Tekinologiya nga bakozesa essimu zi sseereza.

Omuvubuka eyasinga Ssewankambo Ivan ng'ava mu ssaza kyaggwe yaweebwa laptop.



ii) Twakolagana n'ebitongole eby'enjawulo bingi okusitula obulamu bw'abavubuka omuli Private Sector Foundation wansi w'ekitongole kya Private Sector Foudation ne Master Card Foundation. Twasobola okutendeka abavubuka 120 mu mirimu egy'emikono nga okufumba emmere, okukola bizenesi y'okutunda emmere, okutunga engatto, okukuba ebifaananyi, okufumba Cake, okutunga eekyalaani n'ebirala mu kitundu ekyasooka era ngaabavubuka abalala ba kugenda mu maaso n'okutendekebwa.







iii. Mu nteekateeka ya Bonga, CBS PEWOSA yatendeeka abavubuka 630 abavudde mu masomero nga bali wakati w'emyaka 13-19 mu mirimu gy'emikono 6; ebifo 21 bye byateekebwawo okutendekeramu abavubuka era beekolamu ebibiina 6.






iv. Katikkiro yatongozza ettendekero ly'ebyemikono erya Greater Masaka Industrial Hub. Lino eryatandikibwawo Gavumenti ya wakati okubangula naddala abavubuka mu by'emikono.









v. Ebibiina bya Nkobazambogo okuva mu masomero n'amatendekero ag'enjawulo byenyigira butereevu mu nteekateeka y'okukiika Embuga okuyita mu luwalo wamu ne mu nteekateeka y'amakula. Okusobola okunyweeza n'okuzimba omusingi omunywevu.

### 65.) Ebyemizannyo



**a) Emisinde gy'amazaalibwa Ga Ssaabasajja Kabaka**





Omwaka 2023, emisinde gyategekebwa nga gyaliwo nga 16/04/2023 mu Lubiri e Mengo ne gisomboola abantu okuva e Buule ne Bweya. Abaddusi abawerera ddala 100,000 be beetaba





misinde gino. Omulamwa gw'omwaka gukyali "Abasajja tubeere basaale mu kulwanyisa mukenenya tutaase omwana ow'obuwala".

**b) Empaka z'emipiira gy'amasaza 2022**

**Essaza Busiro lyasitukira mu kikopo ky'emipiira gy'Amasaza 2022 omulundi ogusooka oluvaanyuma lw'okukuba Buddu goolo 2 ku 1.**





Abaddusi abawerera ddala **100,000** be beetaba misinde



**c) Empaka z'emipiira gy'ebika 2022**

**Mu gw'abasajja Endiga yakuba Olugave, goolo 1-0, newangula ekikopo kyayo ekisoose mu byafaayo nefuna obukadde 9 n'Engabo.**






*Engabo eno ye yasookera ddala okuwakanirwa mu 1950.*







d) **Mu gw'abakyala, Engeye yakubye e Mmamba obugoba 37 ku 35 newangula engabo y'okubaka ey'Ebika by'Abaganda 2022.** Abantu bongedde okujjumbira n'okuwagira emipiira gy'ebika





**e) Emizannyo gy'ebitongole by'Obwakabaka**







***Ebitongole byavuganya mu mizannyo egy'enjawulo omuli; omupiira gw'ebigere, okubaka, Volleyball, emisinde, Ludo, Chess, okusika omuguwa, okujjuza amazzi mu chupa, okutambuliza eggi ku jjiiko, n'emirala.***

Ekigende ekikulu eky'okumanyigana n'okunyweza obwa Sseruganda n'obumu mu baweereza mu gavument ya Kabaka kyavaayo bulungi.

**F) Dduyiro w'abaweereza b'Obwakabaka:**



**Abaweereza bakola dduyiro buli sabbiiti emirundi esatu: Olwokusooka, Olwokusatu n'Olwokutaano okusobola okubakuuma nga balamu bulungi.**



**Katikkiro yakulemberamu abaweereza okukola dduyiro.**

## 66.) Ennyingiza n'Ensaasaanya 2022/2023

Omweso wansi gulaga Ennyingiza n'Ensaasaanya nga bwebadde mu mwaka 2022/ 2023.





## 67.) Ennyingiza 2022/2023

| | Ennyingiza | 2022/2023 | | |
|---|---|---|---|---|
| **Vote** | **Amakubo Agavaamu Ensimbi** | **Ezabalirirwa** | **Ezaafunibwa** | |
| **10100** | Envujjo, Busuulu ne Kanzu ku Ttaka | 24,700,000,000 | 31,398,000,000 | 127% |
| **10200** | Ensimbi ezibanjibwa okuva mu Gavumenti eya wakati | 5,000,000,000 | 9,650,000,000 | 193% |
| **10300** | Ebisale okuva mu bayizi | 18,140,029,728 | 16,711,370,855 | 92% |
| **10400** | Obusuulu okuva mu bizimbe | 3,723,916,777 | 2,709,438,901 | 73% |
| **10500** | Ekimu ku kikumi okuva mu bawereeza | 165,445,279 | 79,399,945 | 48% |
| **10600** | Abanywanyi ne Bannamikago | 29,126,452,000 | 49,707,574,566 | 171% |
| **10700** | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Okwewummuzaamu | 4,433,335,000 | 3,564,888,300 | 80% |
| **10800** | Satifikeeti, ebbaluwa n'ebifaananyi ebw'Obwakabaka | 2,095,709,901 | 2,160,000,000 | 103% |
| **10900** | Ebyettunzi by'Obwakabaka | 369,500,000 | 19,500,000 | 5% |
| **10930** | Weerinde Insurance Services Limited | 400,000,000 | 120,000,000 | 30% |
| **10960** | Mwanyi Terimba Limited | 600,000,000 | 345,000,000 | 58% |
| **11000** | Abawagizi ba Buganda abali ebweru wa Uganda | 240,000,000 | 126,217,536 | 53% |
| **11100** | Eby'empuliziganya n'Amawulire | 28,409,580,794 | 14,755,276,704 | 52% |
| **11200** | Eby'obulambuzi mu Buganda | 870,000,000 | 459,814,960 | 53% |
| **11300** | Ettoffaali Project | 10,000,000 | - | 0% |
| **11400** | Ebibiina by'Obwegassi (Cooperatives) | 32,516,115,417 | 33,166,202,202 | 102% |
| **11500** | Ensimbi ezinakunganyizibwa mu Masaza | 4,366,992,719 | 4,341,550,865 | 99% |
| **11600** | Ensimbi Eggwanika lye zibanja. | 749,822,173 | 825,884,500 | 110% |
| **11700** | Buganda Kingdom Education Institution's Development Fund | 276,826,526 | 228,540,000 | 83% |
| **11800** | Buganda Cultural & Heritage Support Fund | 757,100,000 | 388,350,000 | 51% |
| **11900** | Ensimbi ezikunganyizibwa okuva mu butale bwa Kabaka | 180,000,000 | 181,500,000 | 101% |
| **11950** | Ensimbi okuva mu Buganda Royal Law Chambers | 500,000,000 | 270,000,000 | 54% |
| **11955** | Ekibiina kya Balungamya be Mikolo mu Bwakabaka | 143,200,000 | 52,500,000 | 37% |
| **11958** | Enyingiiza okuva mumirimu gy'ebitongole bya Nkuluze | - | 3,124,268,129 | n/a |
| **11970** | Ensimbi ezisubilwa mu kibiina ky'olulimi oluganda | 75,000,000 | 29,711,779 | 40% |
| | **Omugatte ogw'ennyingiza ogwawamu** | **157,849,026,314** | **174,414,989,243** | **110.5%** |

Olaba nti ennyigiza yeeyongedde netuuka ku bitundu 110.5% ng'eyisa mu mbalirira y'ennyingiza 2022/2023. Kino kyatuukibwako olw'Obusuulu, Envujjo ne Kanzu ku ttaka, Abanywanyi ne Bannamikago, Gavumenti eya wakati okusasula ku nsimbi ezigibangibwa ate n'ebibiina by'Obwegassi n'ensimbi ezikuŋŋaanyizibwa mu Masaza okweyongera.

## 68.) Ensaasaanya 2022/2023

| Ensaasaanya ( Enkozesa) | | 2022/2023 | | |
|---|---|---|---|---|
| Vote | Ekisaasaanyizibwako | Ezaabalirirwa | Ensaasaanya | |
| 20100 | Okuddukanya emirimu mu Nkuluze | 8,180,000,000 | 14,014,268,129 | 171% |
| 20200 | Okulabirira Twekobe ne woofiisi ya Ssaabasaajja Kabaka | 361,854,380 | 426,923,020 | 118% |
| 20300 | Eby'okulabirira ettaka ( Buganda Land Board ) | 9,500,000,000 | 10,500,000,000 | 111% |
| 20400 | Okuteekateka, Okuzimba n'Okugaziya Embiri | 4,700,000,000 | 8,652,000,000 | 184% |
| 20500 | Okumaliriza Amasiro g'e Kasubi | 2,000,000,000 | 1,854,099,558 | 93% |
| 20600 | Okuddaabiriza Twekobe (Mengo) phase 11 | 493,065,304 | 130,290,000 | 26% |
| 20700 | Okuddaabiriza Butikkiro Phase 11 | 300,000,000 | 38,120,000 | 13% |
| 20800 | Okuddaabiriza n'okuddukanya ebizimbe | 2,613,061,455 | 928,550,128 | 36% |
| 20900 | Okwekulaakulanya n'okusiga ensimbi | 22,065,000,000 | 46,341,100,000 | 210% |
| 21000 | Ensaasanya ku Satifiiketi, Baluwa , Luwalo lwo n'ekyonywa kya Ngule | 715,000,000 | 658,000,000 | 92% |
| 21030 | Okuyimirizawo emirimu gya Weerinde Insuerance services | 340,000,000 | 153,000,000 | 45% |
| 21060 | Okuyimirizawo emirimu gya Mmwanyi terimba | 600,000,000 | 320,000,000 | 53% |
| 21100 | Okutumbula Ebyenjigiriza mu Buganda | 18,087,977,728 | 16,819,530,845 | 93% |
| 21200 | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Okwewumuzamu | 2,029,075,199 | 1,708,722,000 | 84% |
| 21300 | Okugaggawaza n'okusitula ebyenfuna by'Abantu ba Buganda (Obwegassi) | 31,781,015,417 | 33,199,252,237 | 104% |
| 21400 | Gavumenti ez'Ebitundu | 6,413,914,519 | 5,179,983,515 | 81% |
| 21500 | Okuteekateeka eby'okusigamu ensimbi | 1,001,685,200 | 675,214,000 | 67% |
| 21600 | Okutumbula Eby'obulamu | 4,275,300,000 | 3,969,060,000 | 93% |
| 21700 | Eby'obulimi , Ettaka, Bulungibwansi n'Obutonde bwensi | 3,182,804,934 | 3,479,314,943 | 109% |
| 21800 | Okuluŋŋamya obukulembeze mu Bika | 127,796,000 | 74,540,000 | 58% |
| 21900 | Eby'obuwangwa n'e Nnono, okunoonyereza n'Ebyokwerinda | 1,723,558,500 | 978,807,435 | 57% |
| 22000 | Eby'obulambuzi | 928,000,000 | 567,606,887 | 61% |
| 22100 | Emikolo gy'Obwakabaka , Pulotoko n'Amawulire | 1,078,150,000 | 804,315,020 | 75% |
| 22200 | Ebikozesebwa eby'ensibo | 492,220,000 | 83,120,000 | 17% |
| 22300 | Okuwagira emirimu mu woofiisi ya Nnaabagereka | 62,530,000 | 51,522,000 | 82% |
| 22400 | Okusasula Amabanja | 1,685,000,000 | 1,347,994,728 | 80% |
| 22500 | Ekikula kya bantu | 233,750,000 | 232,410,000 | 99% |
| 22600 | Ensaasanya ku by'empuliziganya n'Amawulire | 25,153,365,440 | 13,572,892,339 | 54% |
| 22700 | Okukola ku nsonga za Buganda Ebweru | 39,900,000 | 17,310,000 | 43% |
| 22800 | Olukiiko lwa Buganda Olukulu | 495,500,000 | 234,580,000 | 47% |
| 22900 | Abaweereza wamu n'okuddukanya emirimu | | | |
| 22905 | Abaweereza | 4,344,442,629 | 4,520,792,592 | 104% |
| 22915 | Abakugu abenjawulo | 41,400,000 | 18,630,000 | 45% |
| 22920 | Okuddaabiriza amakakkalabizo n'ebikozesebwa mu makakkalabizo | 115,000,000 | 218,916,875 | 190% |
| 22925 | Okulabirira ebidduka | 524,146,500 | 611,304,510 | 117% |
| 22930 | Ebikwata ku baweereza | 388,300,000 | 318,107,917 | 82% |
| 22935 | Entambula munda ne wabweru w'Eggwanga | 264,800,000 | 365,315,790 | 138% |
| 22940 | Ebikozesebwa mu Makakkalabizo | 245,745,250 | 307,389,356 | 125% |
| 22945 | Ebirabo n'obuyambi obuweebwa | 45,000,000 | 65,799,600 | 146% |
| 22950 | Emisoso gya bbanka | 30,000,000 | 32,000,000 | 107% |
| 23100 | Okuddukanya Woofiisi ya Bannamateeka (Law Chambers) | 575,800,000 | 318,753,500 | 55% |
| 23200 | Okukola ku Nsonga za Buganda ez'Enkizo | 70,000,000 | 110,700,000 | 158% |
| 23300 | Tekinologiya n'Obuyiiya ( ICT & INNOVATION) | 407,281,000 | 118,360,000 | 29% |
| | Omugatte ogw'Ensaasaanya ogw'awamu | 157,711,439,455 | 170,018,596,924 | 107.8% |
| | Enfissi / Ezikyetaagisa | 137,586,859 | 396,392,320 | |

Ensaasaanya y'omwaka 2022/2023 nayo yeeyongera naddala ku lw'emirimu mu Nkuluze, eby'okulabirira ettaka, okuteekateeka, okuzimba n'okugaziya Embiri, okwekulaakulanya n'okusiga ensimbi, okugaggawaza n'okusitula ebyenfuna by'abantu ba Buganda wamu n'ensaasaanya ku byempuliziganya n'Amawulire.

### Ebikoleddwa eby'enkizo mu 2022/2023 nga byasukka mu Mbalirira eyayisibwa


Obwakabaka bwa Buganda bukoze kaweefube wa maanyi okulaba ng'enyingiza yeeyongera mu mwaka gw'ebyensimbi oguweddeko era kino kituyambye nnyo okusobola okukozesa ensimbi ze twafuna okuyimirizaawo emirimu gy'Obwakabaka egy'enjawulo naddala egyo gye twali tubaliridde okusaasaanyaako ensimbi entono ate ne tusaasaanya kinene ddala, ebimu kwebyo ebigwa mu kkowe lino bye bino:

| NA | EBIKOLEDDWA NGA BISUSSE MU NSIMBI EZAABALIRIRWA |
|---|---|
| | Okuwagira emirimu gya Nkuluze |
| | Okugaziya n'okuteekateeka Embiri |
| | Okulongoosa amakakkalabizo n'ebikozesebwa |
| | Obuyambi obuweebwa Obwakabaka nga Ssaabasajja bwaba asiimye oba Katikkiro bw'alambise |
| | Ensonga ez'Enkizo |
| | Engendo ez'ebweru wa Uganda |

### 69.) Ebitaggusibwa mu 2022/2023

Mu bye twateekateeka okukola mu mwaka gw'ebyensimbi oguyise, mulimu ebitasobodde kugguka olw'ensonga ezitali zimu nga bwennambise wammanga:

| No | Ekitakoleddwa | Ensonga |
|---|---|---|
| 1 | Okuddaabiriza etteeserezo ly'omu Butikkiro. | Twafuna okutaataganyizibwa olw'enkola y'emirimu gyeyali Ssenkulu wa Namulondo nga yeyali ku nsonga eno era yawummuzibwa. |
| 2 | Okuzimba ekizimbe ku Gombolola Ssaabaddu Kira. | Enteekateeka eno yatataganyizibwa obukulembeze bwa Ssabaddu ne Uganda National Road Authority okusala ku ttaka lino. Pulani empya zawedde okukolebwa |
| 3 | Okuteeka akawunguzi mu Kizimbe kya Bulange | Kubanga abakugu balina okwetegereza embeera ekizimbe gyekirimu n'ekifo we kanaaganeda okukakasa obanga kisobole okuwanirira. Tusubira okugwa mu mwaka gw'ebyensimbi guno. |
| 4 | Okuzimba akatale k'e Maddu mu Gomba. | Abali baatusuubiza okutuwasizaako beekyusa ate ne basaba liizi. |
| 5 | Buganda App okulaba nga nayo yettanirwa era nga eyingiza ensimbi mu Bwakabaka. | Enzikiriziganya ku ng'abanya y'ensimbi n'abaali balina okwasaganya ensonga eno teyagguka olw'omutemwa omungi gwe baasaba. |
| 6 | Okuteekateeka olunaku lwa Buganda kwe kwaffe | Olw'ekirwadde kya Ebola tetwasobola kuggusa nteekateeka eno. |
| 7 | Okwongera ensimbi mu SACCO ezirina akakwate ku Bwakabaka nga basobola okuwola ba memba baabwe ensimbi eziwerako basobole okwekulaakulanya. | Enteekateeka eziriwo, SACCO okuwolebwa zirina okuba nga zituukana n'enteekateeka za BUCODA. |
| 8 | Okufunira Abavubuka ebifo webakolera okugezesebwa "Apprenticeship, Internship n'obwa nakyewa kibasobozese okufuna okubangulibwa n'okutendekebwa. | Enteekateeka zikolebwa Ministule y'Abavubuka |
| 9 | Okuzza obugya Namutaayiika w'Omupiira gw'Amasaza. | Enteekateeka zikolebwa Ministule y'Ebyemizannyo |
| 10 | Okukola Sports Policy ne Sports Strategic Plan. | Minisitule y'Abavubuka tennamaliriza nteekateeka ku nsonga zino. |
| 11 | Okutandikawo enteekateeka mu Masaza ey'abalina obukugu mu bintu ebyenjawulo (Buganda Kingdom Qualification and Expertees Profile Bureau). | Enteekateeka egenda kukolebwa Ministule y'Okukwanaganya Emirimu |
| 12 | Okutandika enteekateeka ya youth Incubation Center. | |
| 13 | Okutandikawo Buganda Youth Network. | Ebbago lyakolebwa, lisigadde kussa mu nkola |
| 14 | Okutandikawo ezzaalisizo ly'ebirime ebirungi, n'ebisolo eby'olulyo ku ttaka lya BUCADEF. | BUCADEF teyakola nteekateeka mu budde |
| 15 | BUCADEF ya kussaawo waakiri ebyagi 2 okuyigiriza abantu okutereka emmere enkalu. | BUCADEF teyakola nteekateeka mu budde |
| 16 | Okuddabiriza ebizimbe e Mityana omunaatekebwa essomero ly'abasawo. | Ebizimbe bikyakozesebwa ekitongole ky'amakomera ne woofisi za Gavumenti ez'ebitundu. |
| 17 | Okwongera okulwanyisa obulwadde bwa mukeneenya ng'Abasajja bebasaale nga tuyita mu nteekateeka ya nga tukolagana n'abagoba ba Boda okulwanyisa mukeneenya okubasomesa, okubawa ebiwandiiko ebikwata ku mukeneenya ku Boda zaabwe ate n'okubafuula ba "Agent"b'olutabaalo luno. | Enteekateeka eno esubirwa okutandiikira awamu n'omukago gwa Bodafix ne NFT Consult Ltd |
| 18 | Okwongera amannyi mu nkola y'abataka abagalana oba munno mukabi mu bitundu bya Buganda. | Minisitule teyakola nteekateeka yonna ku nsonga eno |
| 19 | Okuteekawo ensawo ey'ensibo ey'okukuŋŋanyizaamu n'okunyikiza Bulungi-bwansi. | Tusuubira okutandika mu mwak agw'ebyensimbi 2023/2024. |
| 20 | Okutandika okuzimba vidiyo Documentary ekwata ku butonde bwensi mu Bwakabaka. | Minisitule teyakola enteekateeka yonna |
| 21 | Okutandika emmerezo z'emiti ginnansangwa n'egyebibala 3 mu Masaza 3 n'okugirabirira. | Enteekateeka eno egya kutambulira wamu n'okusimba ekibira kya Kabaka |



8

# Embalirira y'Obwakabaka Bwa Buganda 2023/2024

Oweekitiibwa Sipiika, nga sinnaba kwanjula mu bujjuvu embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2023/2024, ka nsooke mbeeko bye nyinyonyola mu bufunze ku mbeera eri mu ggwanga mwe tugenda okuddukanyiza emirimu gy'Obwakabaka.

**70.) Embeera y'ebyenfuna mu Uganda omwaka 2023/24**

Ebyenfuna bya Uganda bisuubirwa okukulira ku bitundu 6% mu mwaka gw'ebyensimbi guno, ate kwo okunaabuuka kw'ensimbi kujja kukkako naye era tekujja kutuuka ku muwendo ogutasukka 5%.

Kaweefube w'enkulaakulana mu ggwanga aliwo kati asuubirwa okuvaamu ebibala mu kukendeeza obwavu okuva ku 41.4% mu 2023 okutuuka ku 39% omwaka gwa 2025 we gunaatuukira.  Kino kijja kusinziira nnyo ku busobozi bwa bannayuganda okwenyigira mu nteekateeka z'enkulaakulana okusoboloa okulwanyisa obwavu naddala nga basobola okufuna emmere ebamala awatali kukosebwa mbeera n'enkyukakyuka y'obudde.

**71.) Ebikulu Ebiri mu Mbalirira ya Uganda ey'Omwaka gw'Ebyensimbi 2023/2024**

**72.) Ebisoosowaziddwa okusaasaanyizibwako ensimbi**

i. Okutumbula ebyenfuna mu maka n'obukolero obutonotono;






ii. Okutumbula ebyobulimi okusobola okwongera obungi n'omutindo ku birime ebyettunzi;

iii. Okuwagira emirimu gy'abasuubuzi ne banneekolera gyange;

iv. Okutumbula n'okuwagira bannayuganda abalina emirimu gye bakola;

v. Okwongera ku bungi n'omutindo ku bintu ebiwagira n'okuyimirizaawo enkulaakulana ng'enguudo;

vi. Okussa mu nkola enteekateeka ez'okutumbula obuyiiya, okunoonyereza n'okwekulaakulanya okwesigamiziddwa ku byobugagga ebyomuttaka wamu n'okusima amafuta.




**73.) Ensimbi Eziri mu Mbalirira ya Uganda 2023/2024**

| | Budget FY 2022/23 (1) | % | Budget FY 2023/24 (2) | % |
|---|---|---|---|---|
| **A) RESOURCES ( INFLOWS)** | | | | |
| (1) Domestic Resources | 30,797.28 | 76.8% | 33,348.67 | 75.1% |
| o/w URA Tax Revenue | 23,754.95 | 59.2% | 27,424.24 | 61.8% |
| o/ w Non Tax Revenue | 1,795.89 | 4.5% | 2,248.11 | 5.1% |
| o/w Petroleum fund | - | 0.0% | - | 0.0% |
| o/w Domestic Financing | 5,007.93 | 12.5% | 3,389.22 | 7.6% |
| o/w Appropriation in Aid/Local Revenue | 238.5 | 0.6% | 287.1 | 0.6% |
| (2) External Resources | 9,325.41 | 23.2% | 11,030.11 | 24.9% |
| Budget Support | 2,609.24 | 6.5% | 2,781.56 | 6.3% |
| o/w Grants | 78.05 | 0.2% | 69.65 | 0.2% |
| o/w Loans | 2,531.19 | 6.3% | 2,711.91 | 6.1% |
| Project Support | 6,716.17 | 16.7% | 8,248.55 | 18.6% |
| o/w Grants | 2,090.46 | 5.2% | 3,001.99 | 6.8% |
| o/w Loans | 4,625.71 | 11.5% | 5,246.56 | 11.8% |
| TOTAL RESOURCES (1+2) | 40,122.69 | 100.0% | 44,378.79 | 100.0% |
| * Below the line | | | | |
| Domestic Debt Re-financing | 8,008.0 | | 8,358.0 | |

Ensimbi ezisuubirwa okuwanirira embalirira ya Uganda wamu n'engeri gye zinaasaasaanyizibwamu biragiddwa mu mweso oguddako.

**Kaweefube w'enkulaakulana mu ggwanga aliwo kati asuubirwa okuvaamu ebibala mu kukendeeza obwavu okuva ku 41.4% mu 2023 okutuuka ku 39% omwaka gwa 2025 we gunaatuukira.**




| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| TOTAL RESOURCE ENVELOPE | 48,130.69 | | 52,736.79 | |
| | | | | |
| | | | | |
| B) EXPENDITURE ( OUTFLOWS) | Budget FY 2022/23 | | Budget FY 2023/24 | |
| | | | | |
| Recurrent Expenditure | 25,318.20 | 63.5% | 28,230.31 | 66.3% |
| o/w Wage | 6,375.58 | 16.0% | 7,289.97 | 17.1% |
| o/w Non Wage(excl interest payments) | 14,250.72 | 35.7% | 14,878.82 | 34.9% |
| o/w Statutory Interest Payments | 4,691.90 | 11.8% | 6,061.52 | 14.2% |
| | | | | |
| Development Expenditure | 14,565.98 | 36.5% | 14,356.70 | 33.7% |
| o/w GoU | 7,849.81 | 19.7% | 6,108.15 | 14.3% |
| o/w External Financing | 6,716.17 | 16.8% | 8,248.55 | 19.4% |
| **Total Expenditure** | **39,884.18** | **100.0%** | **42,587.01** | **100.0%** |
| | | | | |
| | | | | |
| Domestic Debt Re-financing | 8,008.00 | | 8,358.00 | |
| Domestic Debt Payment (BoU) | | | 1,504.67 | |
| o/w Appropriation in Aid/Local Revenue | 238.52 | | 287.10 | |
| **Grand Total Including Redemptions** | **48,130.69** | | **52,736.79** | |

### 74.) Ebyenfuna mu Buganda mu Mwaka gw'Ebyensimbi 2023/2024

Ebyenfuna bya Uganda mu mwaka gw'ebyensimbi guno bigenda kwesigama nnyo ku by'obulimi wamu n'emirimu gy'obuweereza era abantu baffe beetegefu okwenyigira obutereevu mu kukola emirimu gino.

Ekifo Buganda weesangibwa kigiwa enkizo olw'embeera y'obudde ennungi era obulimi bw'emmwanyi n'emmere etundibwa bijja kuba bya nkizo mu kuwanirira ebyenfuna bya Buganda nga bino biwagirwa enteekateeka y'okuwagira buli omu okubaako kyakola, okukolera awamu, n'okwongera omutindo kwebyo ebirimibwa.

Ekiyinza okutusoomooza nga Buganda ze nteekateeka empya ezitakwanaganyiziddwa bulungi eziyinza okugunjibwawo mu by'obulimi n'obusuubuzi mu ggwanga ekiyinza okumalamu abantu amaanyi n'okuyaayaana kwe balina ensangi zino mu kulima n'okusuubula emmwanyi. Tukubira gavumenti omulanga okweyunira enjogera y'abamerika egamba nti "if not broken, why fix it". ***Obulimi n'obusuubuzi bw'emmwanyi gwe mulimu oguwadde bannayuganda akaseko ku matama era oguleeseewo enkulaakulana ey'omuzinzi oguteetaaga kuyingirirwa mu ngeri yonna eyinza okuvaamu okufiirizibwa eri bannayuganda ssekinnoomu n'eri eggwanga okutwalira awamu.*** Okulima emmwanyi lye limu ku makubo ag'okulwanyisa obwavu eritaliimu kwekubiira yenna eyeesigamiziddwa ku by'obufuzi, amawanga, eddiini, n'ebirala. Okugaggawala kw'omulimi w'emmwanyi kuva butereevu ku maanyi g'ataddeko awatali kwekwasa muntu yenna. ***Tusaba gavumenti ereme kuteekawo bukwakkulizo ku bulimi n'obusuubuzi bw'emmwanyi obuyinza okuttattana obwetengereze obuliwo mu mulimu guno.***

Okwongera okutereeza mu ngereka y'emisolo mu Uganda n'okukola enguudo oba okuddaabiriza enguudo nazo nsonga nkulu mu kutumbula n'okuwanirira ebyenfuna mu Bwakabaka.

### 75.) Omulamwa gw'Embalirira y'Obwakabaka 2023/2024

Ssebo Sipiika, ngabwe nayanjudde ku ntandikwa, omulamwa gw'embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2023/2024 gugamba nti: **"Tewali Kubongoota**". Omulamwa guno gwoleka obumalirivu bwe tulina ng'Obwakabaka okuggusa amakatala agali mu nteekateeka Namutaayiika ey'emyaka etaano eginaddako (2023 – 2028). Tulina obukakafu nti Namutaayiika eno ejja kuleetawo enkyukyuka ey'omuggundo mu byenfuna mu Bwakabaka, n'okugaziya wamu n'okutondawo amakubo amapya agayingiza ensimbi mu buli maka ga muntu ali mu Buganda mu kaweefube waffe gwe tuliko ow'obutaleka muntu yenna kusigalira mabega mu ngeri y'okubongoota, mu lutalo lw'okulwanyisa.

### 76.) Empagi Okwesigamiziddwa Embalirira y'Obwakabaka ey'Omwaka 2023/2024

Ebitundu 70% - 80% eby'akatale k'ebitundibwa byonna mu Uganda biri mu Buganda. Tulina enteekateeka ey'omuggundo okukunga, okumatiza, okulambika, okuwaliriza n'okuwagira buli muntu ali mu Buganda ng'akyalina embavu okubaako eky'amaguzi (mu bintu ebikalu oba obuweereza) ekiyingiza ensimbi ky'atunda mu katale ke tulina.

Tugenda kwoleka abantgu ab'enjawulo emikisa egibeetoolodde gye batalaba nga beekwasa obusongasonga, okugeza, obuteetaba mu bulimi olw'obutaba na ttaka – bano tugenda kubalaga emikisa egiri mu kulimira awafunda n'abo abalowooza nti tebaasoma era tebalina kye basobola kwekolera – nabo tubalage emirimu gy'abataasoma egitaabajuze.

***Abakulembeze mu Buganda ku mitendera gyonna okutandikira ku Mutongole bagenda kwenyigira butereevu mu nteekateeka ezigenda okutambulira ku mulamwa gwaffe ogwa "Teri Kubongoota"*** okugeza: nga bakubiriza abantu abalina ensiko ebeetoolodde okukolera ku ttaka eryo emirimu egivaamu ensimbi, abavubuka abasiiba mu zzaala ku byalo okwekolamu ebibinja ebikunguzi by'emmwanyi ate abali mu bibuga okubasomea engeri gye basobola okunoga ensimbi nga balimira ku mbalaza ne ku bisenge ebibaliraanye.

### 77.) Ebisoosowaziddwa mu Mbalirira y'Obwakabaka 2023/2024

### 78.) Ennyanjula

Embalirira y'omwaka guno 2023/2024 egenda kwesigamizibwa ku nteekateeka Namutaayika empya efulumiziddwa 2023 - 2028 era Baminisita abakwatibwako balina bye bagenda okusoosowaza omwaka guno era mu mbalirira eno waliwo ebibadde bikyatambula ebigenda okugenda mu maaso nga bikolwako.

### 79.) Ebissiddwako essira mu 2023/2024

Bino wansi bye bijja okussibwako essira mu Mbalirira y'Omwaka 2023/2024

## 80.) Enkulaakulana y'Abantu mu Mbeera Zaabwe eza Bulijjo n'Ebyenfuna Byabwe

a) Okuwagira n'okulambula abantu ba Ssaabasajja okutandika n'okukolera mu bwegassi (multipurpose societies) basobole okufuna obutale obwegasa ate n'okwewola ng'ekibiina okutambuza emirimu.



b) Okubunyisa enjiri eri abantu ba Buganda okubaako kye bakola, kye batunda mu katale ka Buganda ak'abantu obukadde 15 ate akalimu ensimbi nga muno mulimu okulimira awafunda awaliraanye akatale, okusoma amasomo (course) enyimpi ezirina obukugu obwetaagisa mu katale k'emirimu.

c) Okukubiriza abantu ba Buganda okulembeka amazzi ku nju zaabwe ag'okukozesa awaka naye n'okuwa ebisolo n'okufukirira ebirime. Kampenyini ejja kuba y'amaanyi ku nsonga eno.



d) Buli maka okufuba okulunda wakiri ebisolo bibiri okufuna ebijjimusa wamu n'ensimbi.



e) ***Okutandikawo pulogulaamu ya 'TOBONGOOTERA KU TTAKA' ey'okupangisa ettaka okulimirako*** nga ekitongole kya BUCADEF lyeggwandisizo abantu ba Buganda abalina ettaka ery'okupangisibwa ate era nabagala okupangisa nga bajja mu BUCADEF ne bakola endagaano wakati wa nannyini ttaka, omupangisa ne BUCADEF ne Buganda Royal Law Chambers. Kino kijja kukendeeza ku bantu okwetundako ettaka olw'obwetaavu bwensimbi ate kitaase ne kiba ttaka. Kino kijja kwongera nekubungi bw'ebirimibwa mu Buganda wamu n'ennyingiza y'abantu ejja kweyongerako.

f) Okubunyisa emisomo gy'Obwegassi (Kola, Fissa, Tereka, weewole, siga) mu masaza gonna.





g) Okutwala mu maaso kaweefube w'okulaba ng'abantu ba Buganda abalina obukugu naye nga tebaasoma, bagezesebwa mu bukugu bwabwe ekitongole kya DIT ne BRIBTE okufuna ebbaluwa kibasobozese okugaziya ennyingiza n'okwekulaakulanya.

**Amalwaliro ge Nsangi ne Kalasa okutandika okujjanjaba abantu ba Beene.**



## 81.) Ebyobulamu n'Obuyonjo

a) Okumaliriza Okuzimba n'okuddukanya "outpatients" y'amalwaliro g'Obwakabaka 3 erye Ssingo, Buddu n'e Kyaggwe.

b) Amalwaliro g'e Nsangi ne Kalasa okutandika okujjanjaba abantu ba Beene.

c) Okukola enteekateeka y'okujjanjabisa tekinologiya mu Malwairo g'Obwakabaka n'okusomesa abantu ku ngeri gyekolamu.

d) Buganda Kingdom Medical Bureau okulondoola emirimu egikolebwa mu malwaliro g'Obwakabaka

e) Okutandika yinsuwa y'ebyobulamu n'ensimbi ensaamusaamu 'Community based insurance'; Okusomesa n'okuwandiisa abantu mu nkola eya yinsuwa.

f) Okusomesa abantu ku kulwanyisa endwadde wamu n'obuyonjo ewaka.

g) Okukubiriza abantu okugemesa abaana endwadde zinamutta sako n'okugema abawala obulwadde bwa kokolo w'omumwa gwa nabaana.

h) Okutwala mu maaso enteekateeka y'okulwanyisa mukeneenya mu Buganda n'ensi yonna; okuyita misomo n'ebyoto nga tukubiriza abantu okwekebeza, abalina Mukenenya okumira eddagala.




i) Okukubiriza abantu okukola dduyiro nga tukwatagana ne bannamikago.

j) Okugenda mu maaso n'enteekateeka y'okukuŋŋaanya omusaayi n'ekitongole kya Kabaka Foundation.



k) Okutegeka ensiisira z'okwekebeza endwadde okwekikungo mu bitundu ebyenjawulo.

l) Okuwandiisa Abasawo b'Obwakabaka abasookerwako ku byalo (VHT).



m) Okuwagira abantu abawangaalira mu bizinga, ebintu by'omugotteeko n'embalama z'Ennyanja okuzimba kaabuyonjo.

n) Okwongera okusima enzizi n'okuziddaabiriza okufuna amazzi amayonjo.





### 82.) Ebyobulimi n'Ettaka



a. Ssaabasajja Kabaka yasiimye abantu be tusigale mu byalo Obwakabaka bubateeketeeke n'okubawagira okusobola okwekulaakulanya. Obwakabaka bugenda kugulira amasaza 5 tulakita ez'okulima nga bazipangisa eri abo abaagala okulima yiika eziwera ku nsimbi ensaamusaamu. Kino kijja kuyamba nnyo mu kumalawo ebbula ly'abakozi bomu nnimiro ate n'okwongera ku bungi bw'ebirime okusobola okufuna emmere emala n'okukungula ebirime ebyettunzi mu bungi ate nga bya mutindo. Kino kijja kuwagirwa kaweefube gwe tuliko okulaba nga tunoonyeza eby'obulimi obutale ebirime byabwe bisobole okutundibwa ebweru naddala nga biyita ku kisaawe kya Kabalega mu Hoima ekizimbibwa mu kiseera kino.



b. Okugula ekyuma ekikebera obugimu bw'ettaka awamu n'ebirime ebidda mu kifo (Soil Testing Machine) okwongera obungi bwe bifulumizibwa mu kulima (productivity).



**Okutwala mu maaso omulimu gw'abantu ba Buganda okwenyigira mu kulima, okulabirira omutindo gw'emmwanyi, ebitooke ne muwogo.**



c. Okumalayo amasaza agatalina mmerezo za Mwannyi.

d. Okuzimba omubumbirano (database) gw'abalimi oguddukanyizibwa ne tekinologiya (digital), okulondo abalimi abatambulira ku nnima ey'omulembe eddaabiriza obutonde bw'ensi.



e. Okubunyisa emisomo ku by'obulimi n'obulunzi nga tuyita mu nnimiro n'amalundiro agalabirwako ku magombolola mu masaza 5 nga tuyita mu kusikiriza abavubuka n'abakyala

f. MTL okubisaamu emirundi ettano emwanyi zesubula

g. Okukuunga abantu okunywa kaawa waffe 'Kaawa Mpologoma' ava mu mmwanyi ze tulima

h. Okuteekateeka okuzimba ekkolero (factory) erisunsula emmwanyi





i. Okukunga n'okuwagira abantu ba Buganda bonna okuteeka engogo n'e tanka ku nyumba zaabwe ku masomero okukuŋŋaanya amazzi ag'okukozesa mu bulamu bwabwe obwabulijjo naye n'okugakozesa mu kulima n'okulunda wamu n'okusima ebidiba ebikwata amazzi.



j. Okutwala mu maaso omulimu gw'abantu ba Buganda okwenyigira mu kulima, okulabirira omutindo gw'emmwanyi, ebitooke ne muwogo.

k. Okutwala mu maaso pulogulaamu ya Mmwanyi Terimba n'okukubiriza abantu ***okulinyisa omutindo nga tussa essira ku ndabirira y'emmwanyi okuviira ddala ku kuteekateeka ennimiro, endokwa ez'omutindo, endabirira y'ennimiro, ennoga, ennyanika, entereka ate n'okuwagira enkola eya "kakutakamu"*** okusobozesa abalimi okufunamu ekiwera.

l. Okukubiriza abantu okunywa kaawa nga tuboolesa ebirungi ebirimu naddala mu by'obulamu ate n'okuwa emmwanyi zaffe ze twerimira akatale akaggumivu.

m. Okukolagana ne SACCO z'Obwakabaka okulaba nga ziwola abalimi mu bitundu byazo okwongera amannyi mu by'obulimi. Muno mujja kubaamu n'ebibiina by'abasuubuzi b'emmwanyi.

n. Okwongera okuwandiisa abantu ku ttaka n'okubawa ebyapa n'okugereka busuulu okusinzira mu mateeka g'Eggwanga.

o. Okusomesa abantu mu Buganda ku mateeka, enkozesa n'emiganyulo gy'ettaka okubatangira omuzze gw'okwetundako ettaka.

p. Okuwongera okutaliza ettaka n'ekiruubirirwa eky'okulikuuma okuteekako enkulakulaana ezivaamu ensimbi ezikulaakulanya Obwakabaka.

q. Okukola entDITeekateeka erambika ebibalo ku bugazi n'obugimu bw'ettaka obuba bwetaagisa ku birime eby'enjawulo

**83.) Obutondebwensi ne Bulungibwansi**

a) Okukola Bulungibwansi ow'Omuggundu mu masaza buli lwamukaaga olusemba mu mwezi.

b) Okwongera amanyi mu nkwata n'okwawula ebisaaniko okubigyamu omuganyulo.

c) Okunyikiza enkola y'Amaka Amalungi Akaalo Amatendo mu masaza.




d) Okuzimba enyumba z'abantu abeetaaga okubeerwa waakiri enyumba 25 buli mwaka.

e) Okukyalira Amaka 500 n'okugalambika ku nsonga ez'obuyonjo.

f) Okugaba, okusimba n'okulondoola emiti egisimbiddwa

g) Okutandika emmerezeso z'emiti ku mbuga

h) Okusimba ekibira kya Kabaka eky'emiti egy'eddagala mu Lubiri lw'e Mengo

i) Okumaliriza enteekateeka Namulanda ey'Obutonde bwensi

j) Okuteekateeka omwoleso gw'Obutonde Bw'ensi ne Bulungibwansi.

k) Okuwa abantu ba Kabaka endokwa z'emiti ababa baleese amakula n'ekigendererwa eky'okwongera okukuuma Obutonde bw'ensi.

l) Okutongoza kawefuube ow'okukuuma n'okutaasa Obutonde bwensi okuyita mu abaana ba masomero

m) Okuvaayo n'enteekateeka ya maka okubeera n'ennimiro z'enva ne ddagala

n) Okussa mu nkola enteekateeka ey'okuyitimusa n'okusobozesa abantu okwettanira enkola ey'okufumbisa "gas" ne "solar"

o) Okuvaayo n'enteekateeka ey'okusomesa emigaso n'enkozesa y'entobazi eri mu mateeka wansi w'omukago me Minisitule y'Amazzi n'Obutonde Bwensi eya Gavumenti eya wakati.

p) Okulwanirira obuyonjo bw'emigga n'enyanja mu Buganda.

### 84.) Obutale n'Obwegassi

a) Okutwala mu maaso enteekateeka y'okutondawo Buganda Chamber of Commerce okusobola okutumbula n'okunyweza Obwegassi mu Bwakabaka.

b) Okuwagira SACCO ne multi-purpose SACCO ezirina akakwate ku Bwakabaka nga zisembeddwa BUCODA; Okubafunira ne bannamikago n'okubawola ensimbi.

c) Okutandikawo CBS PEWOSA SACCO y'e Ssaza entongole mu ssaza gyetannatuuka.

d) Okutuusa empeereza ya CBS PEWOSA ku bantu ba Ssaabasajja abawangalira mawanga g'Ebweru

e) Okwongera ku mpeerza za CBS PEWOSO nga tweyambisa tekinologiya omupya ate ow'omutindo.

***f) Okuwagira enteekateeka erungamya n'okwogera amaanyi mu bwegassi obuzimbiddwa ku musingi gw'ebika.***

g) Okutwala mu maaso enteekateeka ya CBS PEWOSA Bonga okusomesa abavubuka abali wakati emyaka 18 – 35.









h) CBS PEWOSA okukunga abalimi okulima pamba wakiri yiika 200 mu ggombolola 7 mu ssaza ly'e Mawokota, okumugula n'okutendekayo abalimisa babiri.


i) Okukola enteekateeka ey'okukunga abavubuka okwettanira ekibiina kyabwe ekya Essuubiryo Zambogo SACCO.

### 85.) Ebyenjigiriza

a) Okutandikawo 'labour market information systems' nga ekkubo ey'okuyitamu okumanya obukugu obwetaagibwa mu butale bw'emirimu.

b) Amatendekero gaffe ag'ebyemikono ne Ssetendekero okutandikawo emisomo (short courses) egy'ebiseera ebimpi akatale k'emirimu ke byettanira.

c) Okuwagira ettendekero lya Muteesa I Royal University okulaba nga lifuna "charter". Ekitongole ekivunaanyizibwa ku mutindo gw'ebyenjigiriza mu matendekero aga waggulu ekya "National Council for Higher Education" kyasemba eri Minisita w'ebyenjigiriza n'Emizannyo ettendereko lya MRU liweebwe "Charter" oluvanyuma lw'okutuukiriza obukwakkulizo bwonna obwetaagisa era tugirindiridde n'essanyu lingi.


**National Council for Higher Education**

Our Ref: NCHE/U/032

25[th] January, 2023

The Vice Chancellor,
Muteesa I Royal University,
P.O. Box 322,
**Masaka, Uganda.**

**RE: GRANT OF A CHARTER TO MUTEESA I ROYAL UNIVERSITY**

Reference is made to the application by Muteesa I Royal University (MRU) to the National Council for Higher Education (NCHE) for grant of a Charter.

This is to inform you that Council at its 68[th] Meeting held on 20[th] January, 2023 considered and resolved to recommend to the Minister, the grant of a Charter to MRU in accordance with Section 101(3) b of the Universities and Other Tertiary Institutions Act 2001, as amended.

As you may be aware, the law provides for requisite procedures governing grant of a Charter, which involves the submission of the Charter to the Minister responsible for Education who then presents it to the President for final approval, before gazettement of the same.

The purpose of this letter therefore is to inform you of the Council decision regarding the grant of a Charter to MRU, and to require you to pay the statutory Licence fees of UGX 15,000,000 only (equivalent to 750 currency points) to the NCHE through the URA web portal, www.ura.go.ug in accordance with Section 3(2) (b) of the regulation.

Let me take this opportunity to congratulate you upon this achievement.

Professor Mary J. N. Okwakol PhD
**EXECUTIVE DIRECTOR**

Plot M834, Kigobe Road, Kyambogo P.O. Box 76 KYAMBOGO, Kampala-Uganda
Tel: +256-393-262140/4 Fax: +256-393-262145
Email: ed@unche.or.ug, info@unche.or.ug, Website: www.unche.or.ug

d) Okutegeka emyoleso okuva mu bisomeseddwa mu matendekero.

e) Okunoonyereza ku mirimu emipya egiriwo mu katale ate nga tegirina masomo mwe gisomesebwa.



f) Okunoonya amakampuni ne bannamikago be tuyiza okukolagana nabo mu kutendeka obukungu.

g) Okutegeka enkola enaagobererwa mu kusomesa abaana mu masomero ga baana abato (Early Childhood Development Centre).

h) Okuba nga ennambika n'okulondoola enkozesa ya "School Data Management system"

i) Okuwagira n'okuteereza enkola y'emirimu gya Kabaka Education Fund. ***Tugenda kwongera amaanyi mu KEF nga tweyambisa tekinologiya***. Abasaba bbasale n'abo abazizza obuggya bajja kuyitiranga ku mutimbagano olw'ebigendererwa ebiwerako okugeza: okukendeeza ensimbi z'entambula abazadde ze bakozesa okujja e Mengo okusaba bbasale, okwongera obwerufu mu nkola egobererwa mu kuzigaba, ate n'okufuna ebibalo ku bwetaavu bw'abantu okuyambibwa okutusobozesa okweteekateeka obulungi. Enkola eno egenda kutandika n'olusoma olusooka mu mwaka 2024.

j) ***Okwongera amaanyi mu kitongole ky'Obwakabaka ekya "Buganda Examinations Council (BECO)"*** ekiteekateeka ebigezo by'abayizi eby'okwegezaamu buli mwaka ku ddaala lya P.7, S.4 ne S.6.

k) Okununula ettaka ly'Obwakabaka ery'e Kakeeka.

## Enteekateeka z'Embalirira Endala

### 87.) Federo Owebikola n'Owamateeka



a) Okukunga Obuganda okuwagira enteekateeka z'Obwakabaka



b) Okunyweza n'okulambika abaami ku mitendera gyonna naddala mu Gavumenti ez'Ebitundu.

c) Okuteekawo empuliziganya n'abakulembeze mu Gavumenti eya wakati.

d) Okusaabulula obulimba obukolebwa ku nsonga yonna ey'Obwakabaka.

e) Okwongera okusomesa abantu ku nkola y'emirimu mu Bwakabaka.





f) Okutwala mu maaso kaweefube w'okulwanirira enfuga eyeesigamiziddwa ku Ssemateeka n'okuvumirira okutyoboola eddembe ly'obuntu.

g) Okukunga abantu abali mu Buganda okwenyigira n'okuwagira enteekateeka z'Obwakabaka.

h) Okubiriza abantu okufuna omugabo gwabwe mu Gavumenti eya wakti mu nteekateeka ez'enjawulo.

i) Okuteekawo enkola ey'okuwuliziganya olutentenzi n'obukulembeze obwennono obuli mu Uganda n'okussaawo obwa sseruganda

j) Okubanja Gavumenti Federo buli lwe wabaawo omukisa.



***k) Okutuusa eddoboozi ly'Obwakabaka eri gavumenti ery'okubanja ebyaffe.***

l) Okunyweza obumu n'okusomesa abantu ba Buganda okuwagira enfuga ya Federo ow'ebikolwa.

m) Okuzza Obuggya ekiwandiiko kya Buganda ku Federo

n) Okutuuza Olukiiko lwa bonna (AGM) mu buli kitongole ky'Obwakabaka.

o) Okwekebejja enkola y'abaweereza ey'emirimu buli mwaka okuzuula awali obunafu n'obukugu obwenjawulo obwetaagibwa okubatendekamu.

p) Okuteekawo enkola esikiriza n'okukuuma abakozi abalungi mu buweereza bw'Obwakabaka ku mitendera gyonna.

q) Okulondoola embalirira n'ensaasanya y'ebyensimbi wamu n'enkola y'emirimu ey'ebitongole ne Eggwanika lya Buganda.

r) Okuzza obuggya website y'Obwakabaka n'okugikuumira ku mutindo.

s) Okubaga "whistle blowers policy" y'Obwakabaka.

t) Okutandikawo eggwandiisizo ly'Obwakabaka (Buganda Employment Bureau) ery'abantu mu bitundu ebyenjawulo abalina obukugu oba obusobozi okukola emirimu egyenjawulo okusobola okubayunga kwabo ababa balina obwetaavu nga tweyabisa tekinologiya.

u) Okukola enteekateeka ey'okulaba ng'emirimu mu Bwakabaka egisinga gitambulira ku Tekinologiya (E-Government). Kino kijja kusobozesa abantu mu Buganda bonna okufuna obuweereza bw'Obwakabaka nga basinziira eyo gyebali okugeza; okufuna obuweereza mu by'amateeka, okusaba liizi ku ttaka, okusaba bbasale, okufuna endokwa, okusaba emirimu n'ebirala. Tujja kuba tukendeezezza nnyo ensimbi n'obudde abantu bye bamala nga batambula okutuuka e Bulange okufuna obuweereza.

v) Okutandika okuzimba tekinologiya anaasobozesa abaana abalina obukugu obwenjawulo okwewandiisa ku buli ssaza mu Buganda.

w) Okuzimba ttiimu ewoza emisango n'okulambika ebitongole by'Obwakabaka mu by'amateka.

x) Okugunjaawo akakiiko akawabuzi (Kabaka's Legal Council).

y) Okuteekateeka emisomo, n'esiisira z'amateeka

z) Okuteekateeka buli ssaza okubeera n'ekitawuluzi ne bannamateeka.

aa) Okulambula n'okulondoola eby'Obugagga by'Obwakabaka nga; ettaka, emigabo makampuni n'ebirala.

ab) Okulondoola emisango gye twaloopa ng'Obwakabaka ku byaffe

ac) Okugulira abamagombolola Pikipiki ezasigalaayo 47.

ad) Okutegeka Luwalo Lwaffe mu Masaza okuyingiza ensimbi mu Ggwanika lya Buganda, mu Ggwanika ly'Essaza ne mu Ggwanika ly'Eggombolola.

ae) Okubangawo pulojekiti z'ebyenfuna ku mutendera gw'essaza ne Ggombolola n'okugaziya eziriwo.

af) Okwekenneenya enkola y'emirimu mu Baami ba Masaza n'Abamyuka.

ag) Okulambula n'okuluŋŋamya Abaami ku bikolebwa mu pulojekiti ne pulogulaamu ku mitendera gyonna mu Bwakabaka.

ah) Okuwa entebya y'ebikolebwa n'ebikozesebwa mu bbanga eggere ku mitendera gyonna.

ai) Okutegeka okuvuganya mu nzirukanya y'emirimu ku mitendera gyonna n'okusala empaka z'Amasaza n'Amagombolola.

aj) Okumanyisa Abantu mu Buganda enteekateeka za Gavumenti ezirimu emiganyulo nga tuyita mu ntereeza y'Obukulembeze bw'Obwakabaka.

ak) Okwongera okununula ettaka ly'ebitaawuluzi.

al) Buli ssaza ne eggombolola mu Buganda n'Ebweru okuteekawo "Inventory Book" n'okugyekebejjanga buli mwaka.

am) Abaami okunoonya n'okukuuma ettaka okunaasimbibwa ekibira kya Kabaka ku buli mutendera.

an) Abaami okunoonya ettaka awanaazimbibwa ekisaawe ky'Essaza.

ao) Buganda kwe kwaffe, okusisinkana abaami bamasaza (56) ababaka ababeera emitala w'amayanja (30) n'abali mu Uganda ebweru wa Buganda (8).

ap) Okulambula n'okusomesa obukulembeze (enkiiko z'amagombolola n'Abavubuka mu Uganda ebweru wa Buganda Fortportal, Greater Mbarara, Busoga, Busia, Tororo, Malaba, Mbale, Bukedi, Lira, Ankole.

aq) Okulambula, okuteekateeka n'okusomesa amasaza agali wabweru wa Uganda e Kenya ne Rwanda.

ar) Okuteekateeka n'okutongoza essaza lye Rwenzori ne Capetown.

### 88.) Obuwangwa, Enono n'Embiri

a) Okumaliriza okugaziya n"okuddaabiriza Olubiri lw'e Baamunaanika



b) Okugaziya n'Okuddaabiriza Olubiri lw'e Kireka.







c) Okwongera okuwagira enteekateeka y'okuwandiisa abayima b'ebika ebitannaba kumaliriza.

d) Okuwagira enteekateeka z'ebika okufuna obutaka wakiri 4 mu mwaka guno.

e) Okulabirira n'okutumbula Naggalabi, Budo; okwerula empenda ku ttaka, okuzimba kaabuyonjo ku nyumba Bwanika ne Magato.

f) Okumaliriza n'okuyooyoota Muzibwazaalampanga n'okuggulawo Amasiri g'e Kasubi era abalambuzi nga gaddukanyizibwa BHTB.

g) Okutandika okumaliriza Olusaka lwa Nnamasole e Bumbu.



h) Okumaliriza Amasiro ge Wamala, aga Ssekabaka Kamaanya e Kasengejje

i) Okukulaakulanya Olubiri lw'e Mengo; okumaliriza enteekateeka Nnamulanda, Twekobe phase II.

j) Okuwagira enteekateeka z'okutumbula Olulimi Oluganda; ekibiina ky'Olulimi Oluganda, emisomo, n'Olusirika.

k) Okuteekateeka etterekero ly'ebitabo ery'omulembe.

l) Okugulira Omukubiriza w'Olukiiko lwa Bataka emmotoka.

m) Okuwagira Woofisi y'Abataka n'enkiiko zaabwe nga baweebwa ensako buli lwe basisinkana.



n) Okuwagira Bajjajja okusomesa wakiri omwana omu buli mwaka eri abalina okusoomozebwa.

o) Okuwagira enteekateeka Namutaayika ey'Abataka; okuyisa ennambika y'obukulembeze n'enzirukanya y'ebika, emisomo, olusirika, enkulaakulana mu bika n'ebirala.

p) Okuwagira emirimu gy'ekibiina ky'abalunganya b'emikolo.

### 89.) Okunyweza Ebyenfuna bya Buganda Okusobola Okuyimirizaawo Obwakabaka

a) Okugenda mumaaso okunyweeza enkola nentambuza yemirimu mu Obwakabaka [systems]

b) Okunyweza obweyamo n'obwerufu eri abanywanyi b'Obwakabaka naddala bannamikago.

## 90.) Okusiga Ensimbi n'Ebyobusuubuzi



a) Okuteekateeka ekifo n'ebyetaagisa okuzimba Buganda Industrial Park awanaabeera amakolero amatonono.

b) Okuwagira Mwanyi Terimba Limited okufuna ekifo ekyayo (warehouse/ factory) weegulira emmwanyi.




c) Okuwagira BUCADEF okugula ekyuma ekikebera obugimu bw'ettaka n'okumanya ebirime ebidda mu buli kifo.




d) Okuwagira K2 Telecom okutandika obuweereza bwa Diigi ssente.




e) Okuwagira K2 Telecom okutandika akatale ka Nalubabwe omuntu asobola okweyambisa tekinologiya okuteeka ebintu ku katale n'okusuubula ebintu mu Uganda ne mu nsi z'ebweru era tubituusa wooli ku bbeeyi ensaamusaamu ng'okozesa essimu y'omungalo oba kompyuta. www.kibatu.com

f) Okunoonya ensimbi ezeetaagisa okumaliriza ekizimbe kya Ndiwulira







Omulamwa: Tewali kubongoota
Embalirira y'Obwakabaka bwa Buganda 2023/24 n'Entebya 2022/23

g) Okwongera okuzimba amayumba 45 e Kigo.

h) Okwongera okuzimbira abantu amayumba 80 ag'ensimbi ensaamusaamu e Ssentema.

i) Okumaliriza amalwaliro g'Obwakabaka asatu (3) erye Ssingo, Buddu ne Kyaggwe.

j) Okumaliriza ekizimbe kya Bowa Vocational School, e Bulemeezi.

k) Okuzimba Early Childhood Development Centre (ECD) e Kawuga mu ssaza lye Kyaggwe.

l) Okuddaabiriza ekisenge ekiteesezebwamu n'ebiyigo mu Butikkiro.

m) Okuteeka akawunguzi mu Kizimbe kya Bulange






n) BBS Terefayina okuzimba studio eby'omulembe eraga ebigenda maaso, mu buliwo (live coverage)

o) okugula emmotoka ekwata n'okulaga amawulire,

p) okugula transimitter ne kamera endala okugula etterekero ery'amaanyi n'ekyuma ekikwata amalobozi.

q) CBS Leediyo okusiga ensimbi mu bikosesebwa eby'omutimbagano

r) CBS Leediyo okugula standby generator


s) CBS Leediyo okwongera ku mutindo n'amanyi g'amayengo

## 91.) Ebyobulambuzi



a) Okutandiika Ekkaddiyizo lya Buganda.

b) Okunoonyereza ku ttaka n'okuteekateeka omuzimbo gw'ebyobulambuzi by'Obwakabaka byonna gyebiri (Geo referencing)




c) Okumaliriza enkola ennuŋŋumu erabirira amasiro g'e Kasubi.

d) Okukola enteekateeka eyagasizza abantu okulambula mu Buganda nga tuyita ku mikutu gy'amawulire n'emigattabantu.

## 92.) Abakyala n'ekikula ky'abantu

**a) *Okutumbula enkuza n'endabirira y'abaana abalenzi okusobola okunyweza amaka.*** Okukola ennambika (Policy) ku nkuza y'omwana omulenzi.

b) Okuteekateekateeka Olunaku lw'Abakyala, Ttabamiruka w'Abakyala ba Buganda, ow'Abaami n'emikolo gy'Abaliko obulemu.

c) Okuwandiisa abakadde okusobola okubasakira mu nteekateeka ez'enjawulo.

d) Okukwanaganya ensonga z'abakyala, abaana, abaliko obulemu, abasajja n'abakadde n'ebitongole ebirina obuvujjirizi mu by'enkulaakulana yabwe.

e) Okuwagira enteekateeka z'Ekisaakaate kya Nnabagereka.





f) Okuteekateeka emisomo gy'ebyenkulaakulana n'okuwagira enteekateeka z'okutumbula eby'efuna mu maka okukendeeza obutabanguko mu maka.

g) Okugaba ekitabo ky'Obuntu bulamu waakiri abiri mu masomero n'amatendekero g'Obwakabaka.

h) Okunyikiza, okusomesa, n'okutumbula obuntubulamu mu mikolo, emirimu n'ebyempuliziganya mu Bwakabaka wonna.

i) Okuwagira enteekateeka z'ekitongole ky'abaliko obulemu.

## 93.) Abavubuka, ebyemizannyo n'Ebitone

## 94.) Ekitongole ky'Abavubuka

a) Okufunira abavubuka ba Nkobazambogo Internships mu bitongole eby'enjawulo

b) Okutendeka abavubuka bafune obukugu (Youth Skilling- ICT ne UCC)

c) Okutendeka abavubuka nga tuyita mu nkola y'Ekyoto (Ekyoto Manual)

d) Okutandika ebibiina by'abavubuka ebisizi mu nkola ya Kola, Fissa, Tereka, Ssiga (Investment Clubs)

e) Okubalambula mu mabendobendo (Katikkiro's Gulu visit in October)

f) Okutandikawo enkola ekuŋŋanya, okukumaakuma, okukulaakulanya, n'okugatta bannabitone mu Buganda.

## 95.) Ekitongole ky'Ebyemizannyo

a) Okwongera okuwagira n'okutumbula empaka z'Ebika

b) Okuteekateeka Buganda Sports Award

c) Okutwala mumaaso okuzimba omutindo gw'ebyemizannyo mu Buganda (Okutendeka abaddukanya amatiimu g'emizannyo - Masaza Chiefs, Stewards)







d) Okukozesa tekinologiya mu mizannyo (Okufuna ebibalo ku bungi bw'abantu abalaba emipiira gy'amasaza, ebika nabatannira emizaanyo emirala buli sizoni.)

e) Okutandika empaka zekigwo ekiganda, obugaali n'omweso

## 96.) Ekitongole ky'ebitone



a) Okussaawo olukiiko oluddukanya ekitongole kino

b) Okuteekateeka okwolesa eby'obuwangwa mu masomero, amatendekero wamu n'e ggombolola okutumbula ebitone

## 97.) Ennyingiza Ebaliridwa 2023/2024

Enyingiza esuubirwa okweyongera ebitundu 22.5% mu mwaka gw'ebyensimbi 2023/2024 era nga esuubirwa okuba ya 209,410,622,250.

| Vote | Amakubo Agavaamu Ensimbi | Ezaafunibwa 2022/2023 | Ebaliridwa 2023/2024 |
|---|---|---|---|
| 10100 | Envujjo, Busuulu ne Kanzu ku Ttaka | 31,398,000,000 | 33,900,000,000 |
| 10200 | Ensimbi ezibanjibwa okuva mu Gavumenti eya wakati | 9,650,000,000 | 10,000,000,000 |
| 10300 | Ebisale okuva mu bayizi | 16,711,370,855 | **19,391,022,002** |
| 10400 | Obusuulu okuva mu bizimbe | 2,709,438,901 | 3,690,348,950 |
| 10500 | Ekimu ku kikumi okuva mu bawereeza | 79,399,945 | 164,769,279 |
| 10600 | Abanywanyi ne Bannamikago | 49,707,574,566 | **65,424,790,000** |
| 10700 | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Okwewummuzaamu | 3,564,888,300 | 4,262,035,000 |
| 10800 | Satifikeeti, ebbaluwa n'ebifaananyi ebw'Obwakabaka | 2,160,000,000 | 2,500,467,551 |
| 10900 | Ebyettunzi by'Obwakabaka | 19,500,000 | 42,500,000 |
| 10930 | Weerinde Insurance Services Limited | 120,000,000 | 502,905,388 |
| 10960 | Mwanyi Terimba Limited | 345,000,000 | 1,000,000,000 |
| 11000 | Abawagizi ba Buganda abali ebweru wa Uganda | 126,217,536 | 215,000,000 |
| 11100 | Eby'empuliziganya n'Amawulire | 14,755,276,704 | **16,789,956,658** |

| Vote | Amakubo Agavaamu Ensimbi | Ezaafunibwa 2022/2023 | Ebaliridwa 2023/2024 |
|---|---|---|---|
| 11200 | Eby'obulambuzi mu Buganda | 459,814,960 | **2,465,518,139** |
| 11300 | Ettoffaali Project | - | - |
| 11400 | Ebibiina by'Obwegassi (Cooperatives) | 33,166,202,203 | **35,200,320,169** |
| 11500 | Ensimbi ezinakunganyizibwa mu Masaza | 4,341,550,865 | 5,088,880,819 |
| 11600 | Ensimbi Eggwanika lye zibanja. | 825,884,500 | 363,048,625 |
| 11700 | Buganda Kingdom Education Institution's Development Fund | 228,540,000 | 356,826,526 |
| 11800 | Buganda Cultural & Heritage Support Fund | 388,350,000 | 687,600,000 |
| 11900 | Ensimbi ezikuŋŋanyizibwa okuva mu butale bwa Kabaka | 181,500,000 | 200,000,000 |
| 11950 | Ensimbi okuva mu Buganda Royal Law Chambers | 270,000,000 | 350,000,000 |
| 11955 | Ekibiina kya Balungamya be Mikolo mu Bwakabaka | 52,500,000 | 100,000,000 |
| 11958 | Enyingiiza okuva mu mirimu gy'ebitongole bya Nkuluze | 3,124,268,129 | 6,495,783,100 |
| 11970 | Ensimbi ezisubilwa mu kibiina ky'olulimi oluganda | 29,711,779 | 218,850,044 |
| | Omugatte ogw'ennyingiza ogwawamu | 170,840,428,617 | 209,410,622,250 |

Ebisuubirwa okuvaamu ensimbi ly'Ettaka, bannamikago, ebyenjigiriza, ebyobulambuzi obwegassi, emirimu gy'ebitongole bya Nkuluze wamu neby'empuliziganya.

### 98.) Ensaasaanya Ebaliriddwa 2023/2024

Tusuubira okusaasaanya 209,126,661,197 mu mwaka gwe by'ensimbi ogujja 2023/2024.

| Ensaasaanya (Enkozesa) Ebaliridwa mu 2023/2024 | | | |
|---|---|---|---|
| **No.** | **Ekisaasaanyizibwaako** | **Ensaasaanya ya 2022/2023** | **Ezibaliridwa mu 2023/2024** |
| 20100 | Okuddukanya emirimu mu Nkuluze | 14,014,268,129 | 17,195,783,100 |
| 20200 | Okulabirira Twekobe ne woofiisi ya Ssaabasaajja Kabaka | 426,923,020 | 636,854,380 |
| 20300 | Eby'okulabirira ettaka ( Buganda Land Board ) | 10,500,000,000 | 10,000,000,000 |
| 20400 | Okuteekateka, Okuzimba n'Okugaziya Embiri | 8,652,000,000 | 5,050,000,000 |
| 20500 | Okumaliriza Amasiro g'e Kasubi | 1,854,099,558 | 2,000,000,000 |
| 20600 | Okuddaabiriza Twekobe (Mengo) phase 11 | 130,290,000 | 500,000,000 |
| 20700 | Okuddaabiriza Butikkiro Phase 11 | 38,120,000 | 300,000,000 |
| 20800 | Okuddaabiriza n'okuddukanya ebizimbe | 928,550,128 | 3,402,948,099 |
| 20900 | Okwekulaakulanya n'okusiga ensimbi | 46,341,100,000 | 61,035,176,381 |
| 21000 | Ensaasaanya ku Satifiiketi, Baluwa , Luwalo lwo n'ekyonywa kya Ngule | 658,000,000 | 800,000,000 |





| Ensaasaanya (Enkozesa) Ebaliridwa mu 2023/2024 | | | |
|---|---|---|---|
| **No.** | **Ekisaasaanyizibwaako** | **Ensaasaanya ya 2022/2023** | **Ezibaliridwa mu 2023/2024** |
| 21030 | Okuyimirizawo emirimu gya Weerinde Insuerance services | 153,000,000 | 425,083,265 |
| 21060 | Okuyimirizawo emirimu gya Mwanyi terimba | 320,000,000 | 980,000,000 |
| 21100 | Okutumbula Ebyenjigiriza mu Buganda | 16,819,530,845 | 19,727,190,908 |
| 21200 | Eby'emizannyo, Abavubuka n'Okwewumuzamu | 1,708,722,000 | 2,351,038,000 |
| 21300 | Okugaggawaza n'okusitula ebyenfuna by'Abantu ba Buganda (Obwegassi) | 33,199,252,237 | 34,633,150,169 |
| 21400 | Gavumenti ez'Ebitundu | 5,179,983,515 | 6,239,565,619 |
| 21500 | Okuteekateeka eby'okusigamu ensimbi | 675,214,000 | 1,029,300,000 |
| 21600 | Okutumbula Eby'obulamu | 3,969,060,000 | 7,430,000,000 |
| 21700 | Eby'obulimi , Ettaka, Bulungibwansi n'Obutonde bwensi | 3,479,314,943 | 3,143,802,649 |
| 21800 | Okuluŋŋamya obukulembeze mu Bika | 74,540,000 | 453,596,000 |
| 21900 | Eby'obuwangwa n'e Nnono, okunoonyereza n'Ebyokwerinda | 978,807,435 | 2,049,266,000 |
| 22000 | Eby'obulambuzi | 567,606,887 | 2,133,350,821 |
| 22100 | Emikolo gy'Obwakabaka , Pulotoko n'Amawulire | 804,315,020 | 922,750,000 |
| 22200 | Ebikozesebwa eby'ensibo | 83,120,000 | 701,800,000 |
| 22300 | Okuwagira emirimu mu woofiisi ya Nnaabagereka | 51,522,000 | 70,090,000 |
| 22400 | Okusasula Amabanja | 1,347,994,728 | 2,262,746,933 |
| 22500 | Ekikula kya bantu | 227,910,000 | 260,600,000 |
| 22600 | Ensaasanya ku by'empuliziganya n'Amawulire | 13,572,892,339 | 14,252,678,307 |
| 22700 | Okukola ku nsonga za Buganda Ebweru | 17,310,000 | 38,900,000 |
| 22800 | Olukiiko lwa Buganda Olukulu | 234,580,000 | 550,000,000 |
| 22900 | Abaweereza wamu n'okuddukanya emirimu | | |
| 22905 | Abaweereza | 4,520,792,592 | 5,085,124,891 |
| 22915 | Abakugu abenjawulo | 18,630,000 | 42,900,000 |
| 22920 | Okuddaabiriza amakakkalabizo n'ebikozesebwa mu makakkalabizo | 218,919,875 | 299,200,000 |
| 22925 | Okulabirira ebidduka | 611,304,510 | 640,000,000 |
| 22930 | Ebikwata ku baweereza | 318,107,917 | 378,945,900 |
| 22935 | Entambula munda ne wabweru w'Eggwanga | 365,315,790 | 320,000,000 |
| 22940 | Ebikozesebwa mu Makakkalabizo | 307,389,356 | 352,319,775 |
| 22945 | Ebirabo n'obuyambi obuweebwa | 65,799,600 | 75,000,000 |

| Ensaasaanya (Enkozesa) Ebaliridwa mu 2023/2024 | | | |
|---|---|---|---|
| No. | Ekisaasaanyizibwaako | Ensaasaanya ya 2022/2023 | Ezibaliridwa mu 2023/2024 |
| 22950 | Emisoso gya bbanka | 32,000,000 | 35,000,000 |
| 23100 | Okuddukanya Woofiisi ya Bannamateeka (Law Chambers) | 318,753,500 | 621,000,000 |
| 23200 | Okukola ku Nsonga za Buganda ez'Enkizo | 110,700,000 | 295,000,000 |
| 23300 | Tekinologiya n'Obuyiiya ( ICT & INNOVATION) | 118,360,000 | 406,500,000 |
| | Omugatte ogw'Ensaasanya ogw'awamu | 174,018,596,924 | 209,126,661,197 |
| | Enfiisi / Ezikyetagisa | 396,392,320 | 283,961,053 |

Nga bwekirambikiddwa waggulu, ebyobulamu, obwegassi, ebyenjigiriza n'okulaakulanya ebyefuna, n'okusiga ensimbi bye bisinze okuweebwa ensimbi.





# 9

# Okuwumbawumba

99.) Mukama wange Sipiika, nga bwe nalambise ku ntandikwa, embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2022/2023 yeesookedde ddala mu Namutaayiika empya ey'emyaka etaano (2023 – 2028) esimbye amakanda mu kwolesebwa okwa "Buganda ku Ntikko". Embalirira eno era yeesigamiziddwa ku makatala agali mu Namutaayiika eno. Tukakasa nti egenda kusima empangi emala kwe tunaasinziira okuggusa olubimbi lwaffe mu Namutaayiika y'Obwakabaka empya.

Ssebo Sipiika, ka ntwale omukisa guno okwebaza mu ngeri ey'enjawulo bannamukago b'Obwakabaka olw'obuwagizi n'okukolera awamu mu nteekateeka zonna ez'okukulaakulanya Buganda, era tweyama nti tujja kwongera okukolagana nabo mu kaweefube gwe tuliko ow'okuzza Buganda ku Ntikko nga tutambulira n'okuluŋŋamizibwa enteekateeka Namutaayiika empya gye tugoberera.

Oweekitiibwa Sipiika, Mukama waffe Ssaabasajja Kabaka akulembedde n'okulambika obulungi Obwakabaka bwe mu ngeri erengerera ewala era tumwebaza mu ngeri ey'enjawulo. Kino kituyambye nnyo bulijjo okutambuliranga mu kulambika kwe okutukuumidde ku mulamwa ebbanga lyonna nga tetuwuguddwa.

Katikkiro wa Buganda ne Kabineeti ya Kabaka gy'akulembera mbeebaza nnyo olw'amaanyi n'obuvumu bye balaze ng'abakulembeze mu kuggusa emirimu gyonna egibanjuliddwa waggulu wamu n'okuteekateeka embalirira eno.

Neebaza nnyo Sipiika w'Olukiiko lwa Buganda Olukulu n'Omumyuka we wamu n'Abakiise bonna mu Lukiiko luno olw'amagezi n'obuwabuzi ku mitendera gyonna gye tuyiseemu okuteekateeka

embalirira y'Obwakabaka ey'omwaka 2023/2024, Abeekitiibwa, temujjanga okwo!

Abaweereza bonna mu Minisitule y'ebyensimbi, Okuteekateeka Ebyenfuna n'Ebyenkulaakulana mbeebaza olw'emirimu emingi gye bakoze ku mitendera gyonna egy'okuteekateeka embalirira eno.

Ku lwange ne ku lw'Obwakabaka, neebaza nnyo nyini abantu abantu abali mu Buganda n'ebweru wamu ne mikwano gya Buganda olw'okuwagira enteekateeka zonna ze tuteekateeka ne tubanjulira ezigenderera okuleeta enkulaakulana mu Buganda. Ddala mwolesezza OMWOYO GWA BUGANDA OGUTAFA!

Oweekitiibwa ennyo Sipiika, nangirira mu Lukiiko lwa Buganda Olukulu olw'Omulundi ogwa 31 mu lutuula Olwokusatu nti embalirira y'Obwakabaka bwa Buganda ey'omwaka 2023/2024 eraga enyingiza esuubirwa eya 209,410,622,250/= n'ensaasaanya eya 209,126,661,197/= nti njanjudde mu butongole. Nsaba mugifune, era ekakasibwe Olukiiko luno.

Ayi Katonda kuuma Maasomoogi!

**Tewali Kubongoota!**
**Ssaabasajja Kabaka Awangaale!**





# K2 TELECOM

Getting you closer



## ZUULA

GPS TRACKING AND FLEET MANAGEMENT

Assets

Companies

Individuals

## K2 BULK SMS PLATFORM



7879
SHORT CODE
SENDER ID

## Digii Sente Kittavvu kyo

*The new Normal of Business in Buganda Kingdom*

DiGii Sente
kittavvu kyo



"Everyone can Bank"